OBWAKABAKA BWA BUGANDA
(KINGDOM OF BUGANDA)

# Embalirira y'Obwakabaka

## Omwaka gw'Ebyensimbi 2026/2027




**Omulamwa:** "Situla Omutindo: Okulinnyisa Omutindo n'Obukugu mu Mirimu mu Kaweefube w'Okuzza Buganda ku Ntikko"

www.buganda.or.ug



10 bbs Terefayina
Tosubwa
Amawulire ku BBS Terefayina
GYOTOBADDE
Mmande - Olwokutaano
Ssaawa 6:30 Ez'emisana
GAMBUUZE
Buli Lunaku
Ssaawa 1 Ey'akawungeezi
AGEESIGIKA
Buli Lunaku
Ssaawa 4 Ez'ekiro
Tusange e Mengo ku Masengere | Essimu: 0701 901 957 | 0708 882 330 | 0784 269 224
BBS Terefayina
@bbstvug
BBS Terefayina
StarTimes 234
DStv 287
GOtv 377
zuku 49
azamtv 146



**Ssaabasajja Kabaka Ronald Muwenda Mutebi II**

# Ebiri Munda


**1.0 Ennyanjula 4**

1.1 Okwanjula ....4

1.2 Emitendera Egiyitiddwamu mu Kuteekateeka Embalirira ......5

1.3 Emisingi n'Ebigendererwa by'Embalirira 2026/2027.............6

**2.0 Embeera y'Ebyenfuna ku Mitendera egy'Enjawulo 7**

2.1 Embeera y'Ebyenfuna ku Mutendera gw'Ensi Yonna .............8

2.2 Ebyenfuna mu mawanga agali mu mukago gwa "East African Community (EAC)": Abakwatidde ekitundu kino bendera (The regional powerhouse) .... 10

2.3 Ebyenfuna bya Uganda mu Mwaka gw'Ebyensimbi 2025/2026 .... 11

2.3.1 Uganda bweyimiridde mu kukulaakulanya ebyenfuna ....12

2.3.2 Ebisinze okuwagira ebyenfuna bya Uganda.............12

2.3.3 Ebisobozesezza ebyenfuna bya Uganda obutakosebwa....12

2.4 Ebyenfuna mu Bwakabaka: 2025/2026 ....13

2.4.1 Ebisinze okuwagira ebyenfuna mu Bwakabaka .......14




2.4.2 Ebitusoomoozezzaamu mu by'enfuna ng'Obwakabaka ........ 16

**3.0 Alipoota ku Ngeri Nnamutaayiika gy'Essiddwa mu Nkola Ekitundu Ekisooka eky'Emyaka 3 18**

**4.0 Okwekenneenya Embalirira y'Obwakabaka 2025/2026 63**

4.1 Ennyingiza mu Bwakabaka ........ 63
4.2 Ensaasaanya mu Bwakabaka ........ 67

**5.0 Alipoota ku Mbalirira ya 2025/2026 nga bw'etambudde eraga ebintu bisatu ebikulu 71**

5.1 Embeera y'Ebyenfuna mu Nsi Yonna mu 2026/2027 ........ 72
5.2 Endabamu y'Ebyenfuna mu Buvanjuba bw'Afirika 2026/2027 ........ 73
5.3 Embalirira ya Uganda 2026/2027: ........ 73
5.4 Enteekateeka y'Emisolo mu Uganda 2026/2027: Enkyukakyuka mu Misolo ........ 75

**6.0 Embalirira y'Obwakabaka ey'Omwaka gw'Ebyensimbi 2026/2027 79**

6.1 Omulamwa gw'Embalirira y'Obwakabaka 2026/2027 ........ 80
6.2 Ebisimbidwako Essira mu Mbalirira y'Obwakabaka ey'Omwaka gw'Ebyensimbi 2026/2027 mu Kaweefube wa "Situla Omutindo" ........ 80
6.3 Ebyesigamiziddwako Embalirira y'Obwakabaka 2026/2027 ........ 95
6.4 Ennyingiza Esuubirwa mu mwaka gw'Ebyensimbi 2026/2027 ........ 97
6.5 Ensaasaanya Esuubirwa mu Mwaka gw'Ebyensimbi 2026/2027 ........ 99
6.6 Obulwa Obwolekedde Embalirira y'Omwaka gw'Ebyensimbi 2026/2027 n'Engeri y'Okubwetangiramu ........ 100

**7.0 Okuwumbawumba 102**




# 1.0 Ennyanjula

## 1.1 Okwanjula

Oweekitiibwa ennyo Sipiika w'Olukiiko lwa Buganda Olukulu, Omumyuka wa Sipiika, Mukama wange Katikkiro wamu nabeekitiibwa abakiise mwena mulukiiko lwa buganda. Ndi musanyufu nnyo okubanjulira embalirira y'Obwakabaka ey'omwaka 2026/2027. Guno gwe mulundi gwange ogw'ekkumi n'ebiri nga nteekateeka n'okwanjula embalirira y'Obwakabaka mu Lukiiko lwa Buganda Olukulu.

Abakulembeze b'Obwakabaka ku mitendera gyonna, bannamikago egy'ensimbi n'enkulakulaana ate n'okusingira ddala abantu ba Ssaabasajja Kabaka abawagira n'okwenyigira mu nteekateeka zaffe zonna, bonna balina ettoffaali ddene ku buwanguzi bwaffe nga Buganda. Ku lwange ng'omuntu, bingi bye njigidde mu buvunaanyizibwa buno, ekinsobozesezza okuba omunywevu mu kukola enteekateeka ez'omuzinzi ezinaatusobozesa okuzza Buganda ku Ntikko.



Enkateekateeka Namutaayiika ey'Obwakabaka (2023-2028) yayisibwa Olukiiko lwa Buganda Olukulu emyaka esatu egiyise, era tukyagitambulirako emyaka emirala ebiri miramba. Embalirira zonna ezikolebwa mu bbanga lino ery'emyaka esaatu zisimba butereevu mu Namutaayiika eno nga mwe muli n'eno gyembanjulira olwaleero.

Ndi musanyufu okubategeeza nti Obwakabaka buli ku mutindo gwa waggulu nnyo mu kussa mu nkola enteekateeka eyo, era ngenda kubanjulira (mu bitundu ebinaddako) eby'enkizo ebituukiddwako mu bbanga ery'emyaka esatu egyakayita okusinziira kwebyo ebyateeekebwateekebwa.

## 1.2 Emitendera Egiyitiddwamu mu Kuteekateeka Embalirira

Oweekitiibwa Sipiika, nzikiriza nambululire abakiise emitendera gye tuyiseemu okusobola okutuuka kwebyo byonna ebissiddwa mu mbalirira y'Obwakabaka ey'omwaka 2026/2027:

a) Minisitule n'ebitongole okukola enteekateeka (work plans) n'embalirira zaabwe.

b) Kabineeti okwanjulirwa enteekateeka eza Minisitule zonna.

c) Ggwanika lya Buganda okuŋŋaanya ebiwandiiko bino n'okukola ebbago erisooka.

d) Abakulembeze ba Buganda okukkaanya ku by'enkizo mu lusirika olwa buli mwaka.

e) Akakiiko k'Olukiiko akokuntikko okwekenneenya ebbago ly'embalirira.

f) Obukiiko bw'Olukiiko okuteesa n'okuwa ebirowoozo ku mirimu egirambikiddwa egya buli Minisitule.

g) Okwanjulira Lukiiko Commission ebbago ly'embalirira, enteekateeka n'okugiyisa.

h) Kabineeti okuweebwa ebbago ly'embalirira eriyitiddwamu obukiiko bw'Olukiiko, okulikubaganyaako ebirowoozo n'okuliyisa.

i) Okuteekateeka embalirira eyayanjulwa n'okuyisibwa Olukiiko lwa Buganda ku Lwokusooka nga Kasambula 6, 2026.

## 1.3 Emisingi n'Ebigendererwa by'Embalirira 2026/2027

Oluvanyuma lw'okubalaga emitendera egiyitiddwamu okuteekateeka embalirira eno, ssebo Sipiika nkusaba onzikirize nyanjulire abakiise mu Lukiiko lwa Buganda Olukulu ebiri mu mbalirira y'Obwakabaka ey'omwaka gw'ebyensimbi 2026/2027, bino byebirimu:

i. Embeera y'ebyenfuna mu nsi yonna, mu bukiika ddyo bw'Africa, Uganda ne Buganda mu mwaka gw'ebyensimbi ogwawedeko.

ii. Ebituukiddwako eby'enkizo mu bbanga ery'emyaka esatu (3) nga tusa munkola Namutaayiika y'Obwakabaka 2023–2028.

iii. Embalirira y'omwaka 2025/2026 nga bweyatambula mu bufunze.

iv. Ebissiddwako essira mu mbalirira y'Obwakabaka ey'omwaka gw'ebyensimbi 2026/2027.

v. Ennyingiza n'Ensaasaanya ebisuubirwa mu Bwakabaka mu mwaka gw'ebyensimbi 2026/2027.

vi. Obulwa obwolekedde Obwakabaka n'engeri ey'okubwerinda mu mwaka gw'ebyensimbi 2026/2027.






# 2.0 Embeera y'Ebyenfuna ku Mitendera egy'Enjawulo

## 2.1 Embeera y'Ebyenfuna ku Mutendera gw'Ensi Yonna

Embeera y'ebyenfuna mu nsi yonna eri yadde yaddeko wadde nga wabaddewo enkyukakyuka mu by'enkulaakulana. Okugaziya tekinologiya n'okubbulukuka kwa ba nneekolera gyange bye bimu ku bizzizza engulu ebyenfuna mu nsi yonna wakati mu kusoomoozebwa entalo z'ebyobufuzi mu mawanga ag'enjawulo n'obukwakkulizo mu by'obusuubuzi.


a) **Enkulaakulana (GDP) mu mawanga ag'enjawulo:** Munsi yona yatambulira ku bitundu 2.7% mu mwaka 2026, ekiri wansi ko bwogeraageranya ne 2.9% nga bwe gwali mu 2025.


b) **Okunaabuuka kw'ensimbi:** Ku mutendera gw'ensi yonna kwakakanako okutuuka ku 3% omwaka 2026 we gugweredeko, wadde nga kino kilese ebweru amawanga agamu ga nnaggwedda olw'emisoso emingi egisasulirwa.

c) **Ebyobusuubuzi n'okusiga ensimbi:** Mu nsi yonna bwakulira ku bitundu 3.8% mu mwaka 2025, naye embeera yadamu emabega okutuuka ku bitundu 2.2% mu 2026 olw'okukendeera kw'ebyamaguzi ebifulumizibwa okuva mu mawanga ag'enjawulo, emisolo n'emisoso emirala.

Amawanga ageesobola gasize ensimbi eziwerako mu kuzimba tekinologiya eyeeyambisibwa mu kukola emirimu (AI), naye emiganyulo mu byenfuna okuva mu nteekateeka eno teginnabuna wonna.

d) **Olutalo lwa Iran ne America;** Lukosezza nnyo eby'obusuubuzi mu nsi yonna era ne kuviirako okulinnya kw'ebbeeyi y'amafuta, ebikozesebwa mu bulimi, ebigimusa n'ebirala.







# 3.8%

**Ebyobusuubuzi n'okusiga ensimbi mu nsi yonna bwakulira ku bitundu 3.8% mu mwaka 2025, naye embeera yadamu emabega okutuuka ku bitundu 2.2% mu 2026**

## 2.2 Ebyenfuna mu mawanga agali mu mukago gwa "East African Community (EAC)": Abakwatidde ekitundu kino bendera (The regional powerhouse)




**Amawanga agali mu mukago gwa EAC agasangibwa mu buvanjuba bw'Afirika g'e gakyaleebezza ebitundu ebirala byonna ku ssemazinga w'Afirika.**

a) **Enkulaakulana (GDP) mu kitundu kino:** Erinnye okuva ku 5.6% mu 2025 okutuuka ku 6.0% mu 2026.

b) Amawanga agaleebezza gannaago mu kulinnyisa ebyenfuna mulimu:

- **Rwanda:** Ekutte ekifo ekisooka n'enkulaakulana ya bitundu 11%.
- **Tanzania:** Ekyanyweredde ku nkulaakulana eri ku bitundu 6.4%.
- **Kenya:** Ebyenkulaakulana bibadde bitundu 5.1% mu mwaka 2026. Kino okusinga kivude ku kuwagirwa kaweefube gwe bakoze ow'okugaziya obuweereza mu byenkulaakulana ey'ensibo omuli enguudo, amazzi n'okubunyisa amasanyalaze mu bitundu ebyenjawulo.


c) **Ebyensuubuligana mu bannamikago:** Ebyawamu mu mawanga gonna ageegattira mu mukago gwa EAC byasukka $11 billion eza 2025. Obuwanguzi obutuukiddwako mu kutuukiriza ekigendererwa ekikulu eky'omukago guno eky'okunyweza enkolagana wakati wa bannamlkago mu by'obusuubuzi, ebyenfuna n'ebyobukulembeze era omwaka 2025/2026 ebyobusuubuzi mu EAC byeyongedde n'ebitundu 22%.


## 2.3 Ebyenfuna bya Uganda mu Mwaka gw'Ebyensimbi 2025/2026

Ebyenfuna bya Uganda byalinnya nnyo mu kitundu ekisooka mu mwaka gw'ebyensimbi 2025/2026.

a) **Enkulaakulana y'**Ebyenfuna mu Uganda kwali ku bitundu **6.4%.**

b) **Enkulaakulana y'ebyenfuna mu bitundutundu by'omwaka gw'ebyensimbi:** Enkulaakulana (GDP) ya Uganda yalinnyira ddala okutuuka ku **8.5%** mu kitundu ekyokubiri (Q2) eky'omwaka gw'ebyensimbi 2025/2026, ekiwa essuubi eddene bwogeraageranya n'embeera bweyali ku bitundu **5.4%** mu biseera bye bimu mu mwaka gw'ebyensimbi 2024/2025.



g) Ebyenfuna mu kitundu ky'omwaka gw'ebyensimbi 2025/2026 ekisooka: Ebyenfuna bya Uganda bikulidde ku bitundu 6.4% ekiraga nti embeera eri yadde yaddeko bwogeraageranya ne bwe twali ku bitundu 6.3% mu mwaka gw'ebyensimbi 2024/2025 oguyise.

## 2.3.1 Uganda bweyimiridde mu kukulaakulanya ebyenfuna

| Olupimo | We tuyimiridde (FY 2025/2026) |
|---|---|
| Enkulaakulana y'ebyobugagga eyawamu (Total GDP Value) | Enkulaakulana y'ebyobugagga bya Uganda ebyawamu eri Shs 250.4 trillion |
| Ebyenfuna mu bannayuganda (GDP Per Capita) | Okusinziira ku nkulaakulana y'ebyenfuna mu Uganda, Mu Ssebaaseka 2026, buli muntu alina omugabo gwa Shs. **5.03 million.** |
| Okunaabuuka kw'ensimbi (Inflation range) | Wabaddewo okwerwanako Uganda ne yeekuumira wakati wa **3.8% – 4.3%.** |
| Ebyobugagga ku mutendera gw'ensi yonna (International reserves) | Ebyobugagga bya Uganda ku mutendera gw'ensi yonna ebifugibwa banka enkulu (Central Bank) bikulidde ddala okutuuka ku **$5.99 billion.** |
| Ebyobusuubuzi ebiyingira n'ebifulumizibwa mu Uganda (Trade Balance) | Ku ntandikwa y'omwaka gwa 2026, ebyettunzi ebitwalibwa n'ebisuubulwa ebweru wa Uganda byali ku lupimo lwa **$147.26 million** ekiraga okugenda mu maaso mu kufunira ebyettunzi bya Uganda akatale ebweru w'eggwanga. |



## 2.3.2 Ebisinze okuwagira ebyenfuna bya Uganda

Ebyenfuna bya Uganda bisinze kuwagirwa kaweefube w'okusiga ensimbi mu makampuni n'amakolero agafulumya eby'ettunzi ebyettanirwa ku katale k'ensi yonna omuli:


1) **Amakolero:** Amakolero n'ebyobuzimbi bye byasinga okukulaakulanya ebyenfuna ku bitundu 9.1%.

h) **Ebyobulimi:** Ekirime ky'emmwanyi kyawagira nnyo ebyenfuna bya Uganda naddala olw'ebbeeyi okubeera ennungi ku katale k'ensi yonna ekyasobozesa eggwanga okuyingiza $2.4 billion.

i) **Emirimu egigwa mu buweereza:** Wabaddewo enkulaakulana mu mirimu gy'obuweereza ng'ebyobulambuzi, ebyenjigiriza n'ebirala ekyongedde okugaggawaza eggwanga.

## 2.3.3 Ebisobozesezza ebyenfuna bya Uganda obutakosebwa

**Figure 6:** Exchange Rates [Source: BOU]



Ebyenfuna bya Uganda biwaniriddwa nnyo bino wammanga:

a) **Pulojekiti y'okusima amafuta:** Uganda yeeyongera okuyingiza ensimbi eziva ebweru w'eggwanga (Foreign Direct Investment - FDI) ezivujjirira pulojekiti y'okusima amafuta wakati mu nteekateeka y'okutandika okugakenenula n'okugatunda ku katale k'ensi yonna.

j) **Omuzinzi gwa Silingi (Monetary Stability):** Ensimbi za Uganda tezinaabuuse nnyo mu mwaka guno. Kino okusinga kiwagiddwa enteekateeka za gavumenti ya Uganda ez'okugula amafuta n'ebigenderako ebikolebwa mu woyilo obutereevu okuva ku bakozi baabyo.

k) **Okwongera mu byobusuubuzi ebitundibwa ebweru w'eggwanga (Export Expansion and Diversification):** Ennyingiza ya Uganda eva mu kutunda zaabu n'emmwanyi ku katale k'ensi yonna yakola ebitundu 74% ku ntandikwa y'omwaka 2026. Kino kiyambye eggwanga okwongera okwenyweza mu byenfuna.

Ebirambuluddwa waggulu ku byenfuna n'enkulaakulana ya Uganda mu mwaka gw'ebyensimbi bitusiigira ekifaananyi ekigazi kye tugenda okusinziirako okutaputa ebyenfuna by'Obwakabaka nga bwe biyimiridde mu mwaka gw'ebyensimbi 2025/2026 gwe tumalako.




## 2.4 Ebyenfuna mu Bwakabaka: 2025/2026

## 2.4.1 Ebisinze okuwagira ebyenfuna mu Bwakabaka

### a) Okwettanira okulima emmwanyi (The "Coffee Cushion" and Grassroots Liquidity)

Ekirime ky'emmwanyi okuyingiza $2.4 billion ng'ensimbi eziva ebweru kyalinnyisizza ebyenfuna bya Uganda, kyawagidde ennyingiza y'Obwakabaka n'okuleeta akamwenyumyenyu ku matama g'abantu ba Ssaabasajja baabadde akunga entakera okwenyigira mu nteekateeka ya Mwanyi Terimba.



### b) Luwalo Lwaffe (The People's Vote):

Obuwagizi eri enteekateeka z'Obwakabaka obuleetebwa abantu mu ngeri eya kyeyagalire bweyongera ku bitundu **15.8%** bwogeraageranya n'omwaka oguwedde. Obuwanguzi buno bukwatagana butereevu n'emiganyulo abantu ba Ssaabasajja gye bafunye mu pulogulaamu ya Mwanyi Terimba ekibasobozesezza okufuna ensimbi ze bawaayo nga beeyagalidde okuwagira enteekateeka z'Obwakabaka.

c) **Ettutumu lya SACCO (The SACCO Revolution):** Okulinnya kw'ebyenfuna mu balimi b'emmwanyi kulinyisizza obugagga bwa SACCO za Buganda n'ebibiina by'obwegassi ku bitundu **5.68%** mu mwaka gw'ebyensimbi gwe tumalako.

**15.8%**

**Obuwagizi eri enteekateeka z'Obwakabaka obuleetebwa abantu mu ngeri eya kyeyagalire bweyongera ku bitundu 15.8% bwogeraageranya n'omwaka oguwedde.**



### 2.4.2 Ebitusoomoozezzaamu mu by'enfuna ng'Obwakabaka

**a) Ebyokulonda mu ggwanga:** Akatuubagiro k'ebyobufuzi, okunoonya obululu n'ebyokulonda byonna okutwalira awamu byakosaamu agamu ku makubo agayingiza ensimbi mu Bwakabaka naddala ezo eziva mu ttaka n'obupangisa

Obunkenke mu bannamakolero n'amakampuni bwaliwo ne gayimiriza n'okukendeeza emirimu egikolebwa nga bwe balindirira embeera edde mu nteeko oluvanyuma lw'okulonda bannabyabufuzi. Ba musigansimbi baayimiriza okuteeka ensimbi mu pulojekiti ez'ebbanga eddene n'abamu ku bantu ba bulijjo baggalawo amaduuka gaabwe.







**b) Akatale k'ebirime n'ebyeyambisibwa mu by'obulimi.** Ebyenfuna mu Bwakabaka byesigamiziddwa nnyo ku by'obulimi. Naye akatale k'ebirime ebisinga obungi kakyali wansi ddala. Abantu beerwanako ne balima naye ebirime ne bivundira ku nimiro oba okudondolwa abasuubuzi mu ngeri eya kifiiriza eri omulimi. Mu ngeri y'emu n'ebikozesebwa mu kulima bisoomoozezza nnyo omuntu owa bulijjo naddala eddagala n'ebigimusa okubeera ku bbeeyi eya waggulu ate nga n'ebigingirire bingi ku katale.

**c) Obulwadde bwa Ebola.** Obulwadde bwa Ebola bukosezza nnyo ebyenfuna mu Bwakabaka naddala mu kitundu ky'omwaka ekisembyeyo ekya 2025/2026. Obukwakkulizo ku nkungaana n'entambula z'ennyonyi mu Uganda bukosezza nnyo ebyenfuna ebiva mu busuubuzi n'enteekateeka endala zonna ezeekuusa ku by'obulambuzi.




**d) Ebbeeyi y'amafuta.** Okupaaluuka kw'ebbeeyi y'amafuta mu mwaka gw'ebyensimbi guno kutukosezzaamu ng'Obwakabaka mu byenfuna. We twatandikira omwaka ng'ebbeeyi y'amafuta eri wakati wa 5,000/= ne 5,200/= kyokka we tugumaliddeko nga gatuuse wakati wa 6,300/= ne 7,000/= (amafuta galinnye ebitundu 20% – 30%)!

Ebyentambula bye bifuga emirimu gyonna egikolebwa mu Bwakabaka naddala egy'ebyobulimi n'obusuubuzi ate n'obuweereza obutuuka obutereevu mu bantu omuli emisomo, ebyobulamu n'ebyobukulembeze. Amafuta buli lwegalinnya, ebbeeyi ya buli kigulibwa erinnyirako ekireetedde emiwendo gy'ebintu ebisinga obungi okupaaluuka.





# 3.0 Alipoota ku Ngeri Nnamutaayiika gy'Essiddwa mu Nkola Ekitundu Ekisooka eky'Emyaka 3

**3.1** Enteekateeka Namutayika ey'Obwakabaka 2023/2028 wenyanjulira embalirira eno ewezeza emyaka 3 nga etekebwa munkola. Mukama wange Sipiika nzikiriza nzijjeyo eby'enkizo ennyo ebitukiddwako mu birubirirwa 18 ebiraga enkyukakyuuka ey'omuggundu (impact) kuba enteekateeka Namutaayika gyetulina yava mu makatala ne pulojekiti neda mu pulogulaamu.

**Enkyukakyuka Ez'omuggundu Ezituukidwako Mu Biruubirirwa (Pulogulaamu) Z'enteekateeka Nnamutaayiika 2023/2028**

# Ekiruubirirwa 1: Pulogulamu y'Okunyweza, Okukuuma n'Okutaasa Namulondo









## A) Okuzimba n'okudabiriza embiri olw'e Nkoni, Bamunanika, Kireka, Banda, Twekobe ne Mengo phase I, Mujjaguzo

- Nnyininsi abeera era akolera mu mbeera ey'ekitiibwa eggyayo amaanyi g' Obwakabaka bwe.
- Omuwanika wa Nkuluze, baakola nabo ne Minisita w'Ettaka n'Ebizimbe beebazibwa nnyo olw'enkolagana ennungi okuggusa emirimu gino






## B) Okumaliriza Amasiro g'e Kasubi, okugula ettaka ly'Amasiro ga Ssekabaka Kimbugwe e Bugwanya, Amasiro ga Ssekabaka Kamaanya gayooyotebwa, n'Olusaka lwa Nnamasole Wanyana e Bumera lwateekebwako bbugwe.

- Twasimba ebipande eby'obulambe 22 ku Masiro ga Bassekabakaku 18; Okutaasa, Okukuuma n'Okukulaakulanya ebifo eby'ennono bino.
- Amasiro g'e Kasubi wamu n'amasiro amalala kye kimu kububonero obw'enkukunala mu nnono n'obuwangwa bwaffe. Kitujjukiza ffena wamu ng'Abaganda ate n'abo abajja okulambula, amagezi n'buyiiya bwa bajjajjaffe ate n'Omwoyo gwa Buganda Ogutafa.
- Abantu ba Buganda n'Abalambuzi kati bamanyi ebifo n'amasiro amalala n'embuga z'Obwakabaka ez'ennono era kinyweza n'okubitaasa ku basaatuusi.










## C) Okuwagira emirimu gy'Eddiiro lya Katikkiro (Embuga ya Kisekwa), Ekibiina ky'Olulimi Oluganda, Abaluŋŋamya b'Emikolo mu Buganda

- Embuga ya Kisekwa etuyambye nnyo okutaawuluza enkaayaana mu Bika ng'ekola okunoonyereza okw'omuggundu mu bika ekitusobozesezza okugonjoola obutakkaanya naddala mu Kasolya. Mu mwaka 2025/2026, embuga eno ewadde ensala ku misango 6 n'etaawuluza enkaayana ezisoba mu 50.
- Mu mwaka 2025; abayizi 1,633, okuva mu masomero 43 mu masaza 7 be bakola ebigezo by'Olulimi Oluganda, empaka za Ttamukutte ne Ssemasomo w'Abaluŋŋamya b'emikolo twakategeka 3.
- Enkaayana n'entambuza y'emirimu mu bika egenze etereera ekyongera okunyweza essiga ly'Abataka ekkulu mu nnono n'obuwangwa bwaffe.
- Pulojekiti zino zonna zongede okukuuma, okuyigiriza n'okwagazisa abantu obuwangwa bwaffe wamu n'Olulimi Oluganda.



**2025**

**Abayizi 1,633,**

okuva mu masomero 43 mu masaza 7 be bakola ebigezo by'Olulimi Oluganda

# Ekiruubirirwa 2: Pulogulamu y'Okulwanirira Federo n'Okugabana Obuyinza Mu Nteekateeka n'Enkulaakulana y'Obwakabaka – Federo ey'Ebikolwa

## A) Luwalo lwaffe (Olw'ensimbi n'Obudde mu buliwo).

- Abantu ba Buganda n'Obuganda okuwaayo ebiseera okwetaba mu nkiiko eziteekateeka emikolo ne pulojekiti z'Obwakabaka, okuwagira emirimu nga bayita mu kuwaayo ensimbi mu Luwalo, okwenyigira mu nteekateeka z'Obwakabaka nga tebasasuddwa.
- Abantu baagala nnyo Obwakabaka era basobodde okubukulaakulanya awatali kusolooza musolo. Kino kiyambye nnyo okukuuma ekitiibwa kya Buganda kubanga bakola na kwagala ate nga tewali bukwakkulizo buvvoola Nnono n'Obuwangwa bwaffe.

**5,186,464,752/=**

- **Mu myaka 3 egiyise, Oluwalo oluweeza ensimbi 5,186,464,752/= nga luweebwayo abantu mu Buganda, n'Ensi yonna.**

Mu mwaka 2023, shs. 1,546,719,946/=

Mu mwaka 2024, shs. 1,686,199,406/=

Mu mwaka 2025, shs. 1,953,545,400/=

- Njagala okwebaza Abaami ba Masaza, Amaggombolola, Emiruka ne Minsita abatwala omulimu gwe mukola okukunga abantu.







## B) Ensisinkano n'Abakulembeze okuva mu mawanga g'Ebweru ne mu Uganda nga mulimu; Ab'Ennono, Bannadini, Banamagye ne Bannabitone.

- Kino kyeraga lwatu nti Obwakabaka bumanyiddwa mu bikolwa eri abantu ba Uganda n'ensi yonna, kyongera amaanyi, emikwano n'enkolagana ku mitendera gyonna.
- Bannaddiini banyikiza enteekateeka z'Obwakabaka mu bantu nga bayita mu kulyowa emyoyo, okulambika engeri eddiini gyetakontana na nnono zaffe mu ngeri yonna.

- ***Abayimbi abasinga obungi bayimba mu Luganda, buli lwe bakiika Embuga kiyamba okunnyikiza Olulimi, n'enneeyisa ennungi olwo abavubuka ne basobola okutwala ensonga za Buganda mu maaso nga bafunye okulambikibwa okuva e Mbuga "Akakiika Embuga amanya ensonga".***




## C) Okuteekawo obukulembeze obunywevu mu Buganda, Ebweru wa Uganda mu Uganda ne Masaza agali ebweru wa Uganda.



- Okulonda, okutuuza, okubangula, okuwagira emirimu gy'abakulembeze ku mitendera gyonna mu Bwakabaka, okutegeeka Ttambamiruka; Buganda Bumu Arab and Asia Convention (BBAACO), Buganda Day UK 2025, Buganda Bumu European Convention – BBECO, Ttabamiruka w'Abasajja, n'ow'Abakyala n'Abaana.
- Obukulembeze buno obutegekeddwa busobodde okulaba nga buteekesa mu nkola emirimu egivaamu emiganyulo nga Luwalo lwaffe, Mwanyi Terimba, eddawaliro eritambuzibwa olw'okuteekateeka obukulembeze obulungi.
- Pulogulaamu zonna ezo waggulu zisobodde okuteekebwa mu nkola ne zivaamu emiganyulo mingi kubanga Abaami ba Kabaka baziteekesa mu nkola.
- Twebaza nnyo Ssaabasajja Kabaka, Katikkiro ne Minisita wa Gavumenti ez'Ebitundu







# Ekiruubirirwa 3: Pulogulamu y'Okukuuma Ebyaffe n'Okunyweza Ensalo za Buganda

## A) Okulambula ensalo z'ebyaffe, okugenda mu mbuga z'Amateeka okulaba nga wabaawo obwenkanya n'okwenyigira mu kuteesa. Kiwagidde nnyo okunyweza ebyaffe n'Ensalo za Buganda.

- Ebyaffe n'ebifo eby'enkizo Obwakabaka bye bulinako akakwate birambulwa entakera, bikoledwako emirimu gy'enkulakulaana mu bitundu eby'enjawulo.
- Buganda Royal Law Chambers etuuse ku buwanguzi bwa maanyi ku misango egiwaabirwa Ssaabasajja Kabaka n'Obwakabaka era tuwangudde emisango mingi.
- Kino kituyambye okukuuma ettaka ly'Obwakabaka obutabbibwa, ebintu ebiwerako bitaasiddwa ne bikomawo mu mikono gy'Obwakabaka ne tukolerako emirimu ekyongedde okutwala Obwakabaka mu maaso.
- Twebaza nnyo Ssaabasajja Kabaka emirundi mingi okusiima n'alambula ebifo by'Obwakabaka n'okukubiriza enkiiko, Ssaabawolereza, Minisita w'Ettaka n'Ebizimbe, ekitongole kya Buganda Land board ne Buganda Royal Law Chambers.












**Buganda Royal Law Chambers etuuse ku buwanguzi bwa maanyi ku misango egiwaabirwa Ssaabasajja Kabaka n'Obwakabaka era tuwangudde emisango mingi.**

## B). Okwerula empenda n'okupunta ettaka, okukuba obukonge n'okugaba ebyapa ku ttaka lya Ssaabasajja Kabaka

- Enteekateeka y'Obwakabaka ne Buganda Land Board okuwa abantu ebyapa ebituufu, liizi n'Obukonge eyambye nnyo Obwakabaka okukuuma n'okukulaakulanya ettaka ne kikendeezaako endooliito ku ttaka.






**1,742**

**Ebyapa ebifulumizidwa mu myaka 3 egiyise biri 1,742**

**Epyapa ebya bulijjo 1218**

**Ebyapa eby'obwangu 524**





## Okukulaakulanya ettaka lya Kabaka kugenze mu maaso olw'abantu okufuna ebyapa.

- ☑ **Obukonge obukoleddwa mu myaka 3 buli 2,025**
- ☑ **Ettaka eripuntiddwa mu myaka 3 lya bantu 3,085**
- ☑ **Bakasitoma abapya abeegasse ku BLB mu myaka 3 16, 253**

- Ekitongole kya Buganda Land Board kiwagidde abantu okunyweza obusenze ku ttaka ly'Obwakabaka n'ery'obwannanyini nga kibawa empereeza ez'ekikugu ku by'ettaka.
- Enteekateeka y'Obwakabaka ne Buganda Land Board okuwa abantu ebyapa ebituufu, liizi n'Obukonge eyambye nnyo Obwakabaka okukuuma n'Okukulaakulanya ettaka ne kikendeezaako endooliito ku ttaka.

## C) Okusomesa abantu ba Ssaabasajja n'okubawagira okufuna empeereza entuufu.

- Okulambika abantu ku ngeri gye basobola okulaakulanya n'okukuuma ettaka lyabwe kukolebwa buli sabbiiti mu mpapula z'amawulire, laadiyo, Terefayina, okukubisa ebiwandiiko, okutuusa empeereza mu bantu ba Buganda nga tuyita mu woofiisi za BLB eziri ku matabi ag'enjawulo era agabunye Buganda yonna.
- Abantu ba Ssaabasajja bayongedde okwettanira okunyweza obusenze bwabwe ku ttaka lya Kabaka n'okwekulaakulanya. Abantu abaganyudwa mu LAFI bali 570 nga tukolagana ne bbanka 16.

**LAFI PARTNER BANKS MULIMU:**

| | | | |
|---|---|---|---|
| 1. | Stanbic bank | 9. | Diamond Trust Bank (DTB) |
| 2. | Centenary Banks | 10. | Tropical Bank |
| 3. | Pearl Bank | 11. | Finance Trust Bank Uganda |
| 4. | Pride Bank | 12. | Opportunity Bank Uganda Limited |
| 5. | KCB | 13. | I & M Bank |
| 6. | DFCU | 14. | Letshego |
| 7. | Equity Bank | 15. | Buladde Financial Services |
| 8. | Housing Finance Bank | 16. | Uganda Development Bank |





BANK

**16**

**Abantu abaganyudwa mu LAFI bali 570 nga tukolagana ne bbanka 16**

# Ekiruubirirwa 4: Pulogulamu y'Okunyweza Obumu mu Bantu mu Buganda Okubasobozesa Okuwagira n'Okwenyigira mu Nteekateeka z'Obwakabaka ez'Okubakulaakulanya.

**A) Okuteekateeka emizaanyo buli mwaka; empaka z'Amasaza, Amaggombolola, Ebika, Amasomero, omweso, Rugby, Ludo, ekigwo gumbya, Badminton, eggaali, ebitongole by'Obwakabaka kubanga abantu bamawanga gonna bagyetabamu.**

- Obumu buyamba nnyo Obwakabaka okutebuka abalabe n'okusomoza naddala mu Ssemasonga No.1

Ekitiibwa ky'Obwakabaka n'obumu kwolesebwa ku mitendera gyonna ng'Abaami b'Amasaza beenyigira obuteerevu mu nzirukanya y'omupiira, n'okweyambisa obukugu obukozesebwa mu kukuŋŋaanya luwalo okukunga abantu okuwagira omupiira n'emizannyo emirala. Era empaka z'Amasaza zitambula bulungi kati emyaka egisoba mu 20.

- Emizannyo giwadde abavubuka emirimu, okuvumbula n'okutumbula ebitone, gituyambye okukunga abantu ba Buganda, okulwanyisa obulwadde nga mukeenenya, okulwanyisa ebiragalagala, ettamiiro n'ebirala.
- Obumu busobozesezza abantu okwenyigira mu mirimu egikolebwa. Ebikolebwa bisikiriza Bannamikago okweyunira Obwakabaka.








## B) Okubunyisa enteekateeka z'Obwakabaka n'okusembeza Bannaddiini ne Bannabyabufuzi bonna okuzeenyigiramu.

- Emikolo gy'Obwakabaka gikulemberwamu buli nzikiriza.

***Ssaabasajja Kabaka asembeza buli mukulembeze nga tayawudde mu ndowooza z'ebyobufunzi n'eddiini. Kino kinywezezza nnyo Kabaka okuba nti wa Buganda n'abantu bonna abamussaamu ekitiibwa so ssi wa Baganda ne bannabyabufuzi bokka.***









# Ekiruubirirwa 5: Pulogulamu y'Okutumbula Obuwangwa n'Ennono za Baganda nga Tunnyikiza Obuntubulamu mu bantu

## A) Okuwagira emirimu gya Woofiisi y'Omukubiriza w'Olukiiko lw'Abataka, Olukiiko lw'Abataka Abakulu b'Obusolya, emisomo ku Nnono, Obuwangwa n'Empisa okulambula, okulamaga n'Okukulaakulanya ebika



- Ebika 15 byamaliriza okuwandiisa abayima, bajjajja Abataka basimbye emiti ku mbuga z'Ebika ng'omu ku kaweefube w'okukuuma obutondebwensi n'ettaka ly'embuga z'ebika.
- Abataka okukola emikolo, okufulumya enkola entongole ku kwabya olumbe, okulamaga ku butaka, n'okukulaakulanya obutaka bw'ebika.
- Enteekateeka z'Abataka eri abazzukulu nga bwezirambikiddwa ziyambye nnyo okuyigiriza abazzukulu Obuwangwa n'okunnyikiza ennono zaffe okusigala nga zitojjera mu nsi yonna.
- Enneeyisa n'empisa nyingi zikoppeddwa bannaffe ab'ebitundu ebirala mu Uganda ekyongedde bannaffe okwagala okutegeera Obwakabaka.





## B) Okuteekateeka abaana mu mpagi y'Obuntubulamu nga tuyita mu Kisaakate, Eggunjuliro n'Ebbanguliro

Pulogulaamu y'Ekisaakaate Kya Nnaabagereka kibunyisiddwa mu masaza okuli Buddu, Kabula, amasomero agali ku nsomesa y'omutendera gw'ensi yonna wamu n'okukubisa ebitabo mu nnimi ez'enjawulo.

- Abaana batendekebwa enneeyisa esaanidde mu maka, empisa, obwetowaze, eddini, okumanya obuvunaanyizibwa bwabwe ng'abaana awaka, n'okunyikiza Obuwangwa mu miti emito.



**EZIMU KU NNYINGO EZ'OBUNTUBULAMU**

| | |
|---|---|
| Ensonyi | - Sense of shame |
| Empisa | - Morality |
| Amazima | - Honesty |
| Okufa ku Munno | - Empathy |
| Bulungibwansi | - Civic engagement |
| Okweyimirizaawo | - Self-reliance |
| Obuvunanyizibwa | - Responsibility |
| Obwerufu | - Transparency |
| Obwesimbu | - Integrity |
| Obukulembeze | - Proactive leadership |
| Obugunjufu | - Civility |
| Obwetowaze | - Humility |
| Obuyonjo | - Cleanliness |
| Okwewaayo | - Selflessness |

NNABAGEREKA DEVELOPMENT FOUNDATION



# 17,403

- **Pulogulaamu y'Ekisaakate okuva mu 2023 - 2026 (abaana abasoba mu 17,403 be babanguddwa);**

1. Abaana 1,923 abali wakati w'emyaka 6 -18 (abawala 1,326 n'abalenzi 597).
2. Abaana 1,896 abali wakati w'emyaka 13 -18
3. Abaana 13,584 abali wakati w'emyaka 18 - 24



# Ekiruubirirwa 6: Pulogulamu y'Okuzimba Obusobozi n'Okunyweza Obwerufu mu Buweereza ku Mitendera Gyonna mu Bwakabaka

## A) Okwekennenya enzirukanya y'emirimu ku mitendera gyonna, n'okulondoola obuweereza.








**Emirimu gy'abaweereza ku mitendera gyonna giteekebwateekebwa, gyekenneenyezebwa, tubeera n'okuvuganya mu mpeereza n'ezirukanya y'emirimu.**

- Ensonga enkulu nnya (4) ze zitunuulirwa mu kulondoola emirimu gy'ebitongole okuli; enkolagana y'ekitongole ne Gavumenti ya wakati mu kutuukiriza emisomo gya Gavumenti nga okuwa emisolo n'emirala, okutuukiriza eby'amateeka agafuga eggwanga, engeri ekitongole gye kituukirizaamu ensonga eyakiteekesaawo, n'enkwata y'ensimbi mu kitongole, eby'emisolo n'obweru fu.

Enkola eno enyweza entambuza y'emirimu evuddemu emiganyulo mingi kati abantu batwettanira;

- Olw'entereeza y'emirimu, abantu ba Buganda beetaba mu nteekateeka z'Obwakabaka ne bawaayo n'ensimbi zaabwe.
- Abasizi b'ensimbi ne bannamikaggo bettanira okukolagana n'Obwakabaka. Tetukyabanoonya era bayaayaana okuzza obugya enkolagana ng'ekiseera kiweddeko.

## A) Okuwa Entebya y'embalirira, Luwalo Lwaffe, Emisinde gy'Amaazalibwa, Amasaza gonna gakola Embalirira n'Entebya, Okutuuza enkiiko z'Obwannanyini (AGM) mwe banjulira ebitabo by'ensimbi ebyekenneenyezeddwa ba Kalondozi b'ebweru

- Akakiiko akakebera n'okutangira obulwa mu byensimbi mu Bwakabaka (Buganda Audit and Risk Committee -BARC), akakiko kano keekenneenya ebitabo by'Ensimbi eby'ebitongole byonna n'Alipoota ya Kalondoozi w'Obwakabaka ku nzirukanya y'emirimu.
- Enkola zino ez'obwerufu zongedde okulinyisa omutindo gw'enkola y'emirimu mu Bwakabaka.
- Twebaza nnyo Omumyuka Asooka owa Katikkiro era Minista Avunaanyizibwa ku nzirukanya y'emirimu okulondoola emirimu ku mitendera gyonna.












## B) Okuteekateeka Ensirika z'Abakulembeze ku mitendera gyonna n'okuwagira abaweereza;

- Abakulembeze bagenda mu Lusirika buli mwaka okwekenneenya emirimu gyabwe, okuteekateeka n'okuwaŋŋana amagezi, n'okubangulwa mu mirimu gyabwe.
- Abaweereza bawagirwa okutuukiriza obuvunaanyizibwa bwabwe ng'okubawa entambula ebatuusa ku bantu ba Kabaka nga bakola emirimu, ebikozesebwa, yinsuwa y'Obulamu, obukugu obw'enjawulo, obwetaagisa n'ebirala.





# Ekiruubirirwa 7: Pulogulamu y'Okusaanyaawo Olunnabe lw'Obwavu mu Buganda nga Tuzimba Ebyenfuna Ebinywevu.

A) Pulogulaamu ya Mwanyi Terimba emyaka 3 egiyise eyongedde okukula;

- Okwagazisa abantu okunywa kaawa, Abavubuka n'Abakyala balambudwa ne baweebwa emizinga gy'enjuki giyambeko abalimi b'emmwanyi okuwakisa emmwanyi ku kyalo mu ssaza Kyaggwe, Ssingo, Busujju, Gomba, Buvuma.
- Buli mwaka, emmwanyi ezirimibwa mu Uganda zeeyongera, ensawo z'emmwanyi zaalinya, abavubuka bafunye emirimu mu kulima emmwanyi.
- Enteekateeka eno mu myaka 3 eyongedde ku muwendo gw'emmwanyi ezirimibwa nga kati ziri obukadde 3.8M okuva ku bukadde 2.9M.
- Omutindo gw'embeera z'abantu gulinnye nnyo olw'abantu okujjumbira okulima emmwanyi. Kino kyeyolekedde nnyo mu byensula ebikyuse ennyo, enyumba z'amabaati nga ziriko ne kabuyonjo, amaka mu byalo galina sola. Omulimi alina yiika ayingiza wakati wa 8-15M buli mwaka bwaba agoberedde ennima ey'omulembe. Ebyuma by'emwanyi byeyongedde obungi nga bisoba mu 1,400.









**Ekyokulabirako;** Omuvubuka eyali avuga boda boda ku MM Pub e Kabuusu yagitunda n'agenda mu kyalo okulima emmwanyi. Yatandiika ne yiika 3 e Bukomansimbi. Katikkiro yatuuka omulambula ng'awezeza yiika 17. Kati ali mu mbeera nungi ey'obulamu.






**Abalimi 3,500**

- Abalimi abasoba mu 3,500 bafuna obukugu mu kuteekateeka ennimiro, okusalira, okunoga n'okwanika emmwanyi, okuteekateeka emmerezo endokwa z'emmwanyi, okukuuma ebiwandiiko ebiraga wa emmwanyi gye zivudde n'ensuubula y'emmwanyi wamu n'okwongera okubayunga ku butale ku mutendera gw'ensi yonna.



## B) Okugaziya Obutale, okuwagira enteekateeka z'okuyitimusa obutale bw'ebyettunzi, emyoleso gy'Abavubuka

- Tuteeseteese emyoleso gy'Obulimi, Obwegassi, Obusuubuzi mu Masaza okuli; Kyadondo, Buddu, Kyaggwe, ne Bulemezi, gino giwadde abantu akatale k'ebintu byebakola kubanga abantu bagijjumbira okwolesa bye bakola n'abaguzi babeera bangi nnyo ddala ne basobola okuyingiza ensimbi.
- Omuntu buli lw'alima nga talina gy'atunda birime bye aba alafuubanira bwereere era kimuleetera okwekyawa.
- Okusinzira ku bibalo bya Uganda Bureau of Statistics, abantu abatasobola kunyizigiza nsimbi eziweza ddoola emu ($1) mu Buganda buli lunaku bali ebitundu (18.0%) bwogeraageranya ku bitundu ebirala.



# Ekiruubirirwa 8: Pulogulamu y'Okutumbula Obuweereza eri Abantu mu by'Obulamu nga Basobola Okufuna Obujjanjabi Obusobokerwako ate nga bwa Mutindo

## A). Okutandika n'okuggulawo amalwaliro g'Obwakabaka (5) agayitibwa; Muteesa II e Busimbi, Kalasa ne Nsangi, Nyenga ne Mukungwe awamu n'okuwagira Nkozi Hospital





- Amalwaliro 3 gaatandika okutuusa obujjanjabi obw'omutindo ku bbeeyi ensaamusaamu bwogeraageranya n'amalwaliro amalala.
- Omuwendo gw'Abantu abajjanjabiddwa;

1. Muteesa II Kalasa: 7,630 (July 2024- Jan 2026)
2. Muteesa II Nsangi : 4,652 (Aug 2024- Jan 2026)
3. Muteesa II Busimbi : 2,278 (Aug 2025- May 2026)

- Mengo Hospital y'eddukanya eddwaliro lye Busimbi ate Buladde Medical Research Insitute y'eddukanya eddwaliro ery'e Nsangi ne Kalasa.
- Obwakabaka buwagidde omulimu gw'okuzimba Rotary Nkozi Hospital Accident and Emergency Centre nga twakasonda ensimbi 1.47Billion nga tuyita mu nteekateeka y'ekijjulo kya Kaliisoliiso.




| YEAR | 2016 | 2017 | 2018 | 2019 | 2020 | 2020 | 2022 | 2023 | 2024 | 2025 |
|---|---|---|---|---|---|---|---|---|---|---|
| AMOUNT (UGX) | 199,168,600 | 374,699,250 | 121,874,550 | 203,549,306 | 73,917,433 | 123,296,071 | 138,545,975 | 172,050,234 | 210,235,000 | 435,000,000 |

- **Empeereza zaffe za mutindo ate ng'obuweereza bwa sente nsaamusaamu;**

| A. DIAGNOSTICS | | |
|---|---|---|
| Empeereza | Emiwendo gyaffe | Emiwendo gy'amalwaliro amalala |
| Consultation | 2,000 | 20,000-50,000 |
| Ultrasound Scan | 20,000 | 30,000 -50,000 |
| Malaria Test | 3,000 | 5,000 |
| Pregnancy Test | 2,000 | 5,000 |
| Urinalisis | 5,000 | 10,000-20,000 |
| CBC | 10,000 | 20,000-30,000 |

| B. CLINICAL | | |
|---|---|---|
| Empeereza | Emiwendo gyaffe | Emiwendo gy'amalwaliro amalala |
| Antenatal | 75,000 | 150,000-300,000 |
| SVD/normal delivery | 150,000 | 300,000-700,000 |
| Cesarean Section | 500,000 | 700,000-2,000,000 |
| Malaria RX without Admission | 30,000 | 75,000 -150,000 |






***Abeetaba mu misinde gy'Amazaalibwa ga Kabaka baava ku 60,000 mu 2020 okutuuka ku 120,000 mu 2025 (+100%), nga kino kigyewo abantu ba Buganda okwekomomma mu byobujjanjabi n'okunywa edaggala.***

## B) Okulwanyisa obulwadde bwa mukenenya,

- Ng'Obwakabaka buyita mu ddoboozi lya Kabaka, emisinde gy'Amazaalibwa ga Kabaka, Empaka z'emipiira gy'Amasaza, emikutu gya CBS radio ne BBS Eyaffe, abantu bakungiddwa okwetaba mu kukeberwa, okujjanjabibwa, okwekuuma n'okukubiriza abasajja okwenyigira mu kulwanyisa HIV/AIDS.Abeetaba mu misinde gy'Amazaalibwa ga Kabaka baava ku 60,000 mu 2020 okutuuka ku 120,000 mu 2025 (+100%), nga kino kigyewo abantu ba Buganda okwekomomma mu byobujjanjabi n'okunywa edaggala.
- **Ebibalo birabikira mu bipimo bingi okuli:** obungi bwa bantu abalina mukenenya bwakka okuva ku 9.1% okutuuka ku 7.5% (-17.6%); obubunyisa obujjanjabi bwa ART bweyongera okuva ku 81% okutuuka ku 98% (+21.0%); n'omuwendo gw'abakwatibwa obulwadde bwa mukenenya abapya bwakka okuva ku bantu 18,400 okutuuka ku 14,500 (-21.2%), be bantu 3,900 abaatasibwa okufuna obulwadde bwa siriimu. Ebibala bino biraga amaanyi g'omulimu ogusimbiddwa mu buwangwa, ogukulembeddwa abantu, mu kukendeeza ensonyi, okukyusa empisa n'okutaasa obulamu bw'abantu.
- Twongera okwebaza Ssaabasajja Kabaka okukulemberamu enteekateeka y'okulwanyisa obulwadde bwa mukenenya.




***Obungi bw'abantu abalina mukenenya bwakka okuva ku 9.1% okutuuka ku 7.5%***








## C) Obujjanjabi obw'omuggundu mu Masaza; omusujja gw'ensiri, Ebola, ebyoto ku mbuga zonna, ensiisira z'ebyobulamu n'okugema okw'ekikungu, ne yinsuwa y'Obulamu.

- Tuteeseteese ensiisira z'Ebyobulamu okutuusa obujjanjabi ku bwereere eri abantu ba Kabaka mu bitundu gye babeera. Abantu abasoba mu 1,722 be baakayungibwa ku Munno Mukabi Yinsuwa, abantu abaliyirirwa basoba mu 100.
- Abantu abasoba mu 63,031 bajjanjabiddwa mu masaza nga buli lusiisira lusaasanyizibwako ensimbi ezitakka wansi wa 36,400,000/=. Ekitongole kyaffe ekya Weerinde Insurance Brokerage Services kyaweebwa ejjinji ery'omuwendo olw'obuyiiya bwa Tekinologiya mu kkowe lya ba Bulooka ba  yinsuwa mu Uganda mu mwaka 2025 "1st Runner-Up, Most Innovative Insurance Broker's Solution".
- Abantu abatuusidwako obujjanjjabi obw'ekikungu gye babeera ng'abasinga gwe mulundi gwabwe ogusooka okulabwa omusawo omukugu.
- Kino kikyusiza nnyo embeera z'Obulamu bwabwe n'ebyenyigira mu nteekateeka z'Obwakabaka kirabikira mu kwetaba mu misinde gya Kabaka, okulima emmwanyi, emikolo kubanga kati balamu bulungi.



**36,400,000/=**

***Abantu abasoba mu 63,031 bajjanjabiddwa mu masaza nga buli lusiisira lusaasanyizibwako ensimbi ezitakka wansi wa 36,400,000/=***






# Ekiruubirirwa 9: Pulogulamu y'Okwongera Omuwendo gw'Abantu Abatuusibwako Ebyenjigiriza Ebisoboka ate nga bya Mutindo

**A) Ensawo ya Kabaka ey'Ebyenjigiriza (Kabaka Education Fund). Ssaabasajja Kabaka ayongedde okutwala omulimu guno mu maaso era ng'omuwendo gw'abayizi awamu n'abanywanyi gulinnye mu myaka 3 era wabaddewo okugenda mu maaso okusobozesa abaana okufuna ebyenjigiriza eby'omulembe.**

- Mu bbanga ery'emyaka etaano (5) mu nkolagana eno tujja kuba tufulumiza abasawo abazaalisa 25 era nga basobola bulungi okuweereza mu malwaliro g'Obwakabaka.
- Mu myaka 3; Abayizi 150 (Abalenzi 72, Abawala 78) be baganyuddwa mu nteekateeka ya Kkalaamungabo ate 8,338 (Abalenzi 4,501, Abawala 3,837) ne bafuna basale ku mitendera gy'ebyenjigiriza gyonna, ogusooka, sekendule ne mu matendekero. Abayizi 11 be basoma obusawo ku Mengo Nursing Training School.
- Obwakabaka ne bannamukago aba Mengo Hospital butandiise okuteekateeka abasawo abazaalisa olw'okukendeeza omuwendo gw'abakyala abafiira mu ssanya.

**150**


**72** | **78**

Mu myaka 3 Abayizi 150 be baganyuddwa mu nteekateeka ya Kkalaamungabo

**8,338**

**4,501** | **3,837**

Ate 8,338 ne bafuna basaleku mitendera gy'ebyenjigiriza gyonna



## B) Obuweereza bw'Amatendekero, amasomero mu myaka 3 egiyise ne nnasale z'Obwakabaka

- Buli mwaka omuwendo gw'abayizi gweyogera mu matendekero n'amasomero g'Obwakabaka era kati tuzimba bizimbe birala.
- Nga bwemulaba omuwendo gw'abaana abatikkiddwa n'abayise mu masomero gaffe ag'ebisaale ebisaamusaamu basoba mu 9,500 ku mitendera gyonna era bajja kufuna enkyukakyuka mu bulamu bwabwe.
- Mu myaka 3 egiyise bano be bayizi abatikkidwa/abayise mu matedekero n'amasomero g'Obwakabaka;

1. Muteesa I Royal University; 3,073 (Post Graduate-22, Bachelors-2079, Diploma-870, Certificate-102)
2. Ettendekero lya Buganda Royal Institute lirina amasomo 54 ku mutendera gwa certificates ne diplomas, bafulumiza abayizi 4,539 (DIT – 659, Certificate – 2,499 ne Diploma – 1,381)
3. Kasawo Institute of Business and Technical Education erina amasomo 8 yakafulumya abayizi 159
4. Bbowa Vocational Secondary School; 159 (A level – 132 ne O Level- 27)
5. Lubiri High School, Buloba Campus; 885 (A Level – 313, O Level - 572)
6. Obwakabaka bulina amasomero ga pulayimale 5 ne nasale 20 era galina omugatte gw'abayizi 1,225 (Abalenzi 616, Abawala, 609).

- Twebaza nnyo Minisita w'Enkulakulaana y'Abantu olw'okulambika obulungi n'okulondoola emirimu mu bitongole byonna byalambika.













Muteesa I
ROYAL UNIVERSITY
P.O.Box 322, Masaka
P.O.Box 14002, Mengo-Kampala
+256 434 251459
aro@mru.ac.ug
www.mru.ac.ug
KABAKA MULONDO

# Ekiruubiririrwa 10: Pulogulamu y'Okusitula Embeera z'Abantu ba Buganda Abali mu Byalo ne mu Bibuga mu by'Ensula ne Birala

## A) Ekikula ky'Abantu omuli Abaana, Abakyala, Abakadde, n'Abaliko Obulemu.

- Pulogulamu y'Amaka Amalungi Akalo Amatendo ne Mutongole Model zikozeseddwa nnyo okutuuka ku bantu mu bitundu gye babeera.
- Abantu 11 abetaaga okubeerwa  bazimbiddwa ennyumba, Abaliko Obulemu nabaweeredwa obuggali obusoba mu 100 bwatuwebwa aba Hope Speaks.
- Obwakabaka bwe bwazzibwawo mu 1993, Bulungibwansi yaddamu okutojjera, Omwoyo gwa Bulungibwansi gutuyambye nnyo okukyusa endowooza n'endaba y'ebintu mu bantu, mpisa, embeera y'abantu mu Bwakabaka n'Eggwanga lyonna okutwalira awamu.

**11 Abantu 11 abetaaga okubeerwa  bazimbiddwa ennyumba,**









## B) Okutuusa ku bantu ba Kabaka Amazzi amayonjo.

- Nnayikondo ezisoba mu 1,175 ze zisimiddwa n'okuddaabirizibwa okutuusa amazzi amayonjo eri abantu ba Ssaabasajja Kabaka mu masaza: Buweekula, Ssingo, Mawokota, Gomba, Kyaggwe, Bulemeezi ne Buluuli.
- Amazzi amayonjo gongende okukendeeza ku ndwadde mu bantu ba Ssaabasajja awamu n'okutaasa abaana ab'obuwala ku ba Ssedduvutto ababateega ku nzizi eziri ewala n'okuyambako abaana okutuuka amangu ku ssomero n'ebatalwawo olw'okukimanga amazzi agali ewala.
- Omuwendo gwa nnayikondo ezisimiddwa n'eziddaabiriziddwa;
- Twebaza abantu ba Ssaabasajja ab'essaza lya Northern California (San Francisco Sacramento ne Nevada), America mu Ssaza lya West Coast America, (Northern Carlifonia, San Francisco, ne Nevada), Aba 25-35 Water abakulemberwamu Cyler Kato ne Dr Jackson Ssekikub ne Rotary Club 7; Kampala Early Bird, Saturday E Jazz, Kampala Impala, Kampala Morning Stars, Sonde, Kira ne Nsasa ezitembeeta okubunyisa amazzi amayonjo mu ssaza Mawokota.

| Na | Essaza | Ezisimiddwa | | Eziddaabiriziddwa | | Omugatte |
|---|---|---|---|---|---|---|
| | | 2022 – 2024 | July 2025-June 2026 | 2016-2025 | July 2025-June 2026 | |
| 1. | Buweekula | 190 | 0 | 80 | 3 | 273 |
| 2. | Ssingo | 557 | 15 | 108 | 0 | 680 |
| 3. | Mawokota | 1 | 0 | 0 | 0 | 1 |
| 4. | Gomba | 3 | 0 | 0 | 0 | 3 |
| 5. | Kyaggwe | 1 | 0 | 0 | 0 | 1 |
| 6. | Bulemeezi | 0 | 2 | 190 | 1 | 193 |
| 7. | Buluuli | 0 | 2 | 0 | 22 | 24 |
| | **Omugatte** | **752** | **19** | **378** | **26** | **1,175** |









## C) Okuzimba amayumba ag'ebbeeyi ensaamusaamu e Sentema.

- Ennyumba 402 zizimbidwa e Ssentema nga pulojekiti eno etudde ku yiika 50.
- Obwakabaka bugasse ettoffaali ddene ku bbula ly'amayumba mu Uganda obuteeberezebwa okubeera ku muwendo gwa 2.4Million okusinziira ku bibalo bya Habitat for Humanity International. Pulojekiti eno efuuse eky'okulabirako mu kuteekateeka ebifo obulungi okwewala enzigotta.

| No. | Omwaka | Enyumba ezizimbidwa buli mwaka | Ennyumba | Omuwendo mu dollar |
|---|---|---|---|---|
| 1. | 2023-2024 | 96 | Ey'ekisenge 1 | $20,800 |
| 2. | 2024-2025 | 136 | Ey'ebisenge 2 | $37,500 |
| 3. | 2025-2026 | 170 | Ey'ebisenge 3 | $49,500 |

**402**

**Ennyumba 402 zizimbidwa e Ssentema nga pulojekiti eno etudde ku yiika 50.**







# Ekiruubirirwa 11: Pulogulamu y'Okwongera Omutindo mu by'Obulimi n'Obulunzi Okusobola Okubiganyulwamu

## A) Okutumbula Ebyobulimi n'Obulunzi, Pulojekiti nyingi ezikoleddwa naye kankooneko bbiri.

- Abalimisa ku mutendera gwe Ssaza n'amaggombolola basomeseza abantu  abasoba mu 1,500 tekinologiya omuggya mu bulimi, enkozesa y'ekigimusa kyaffe eky'emmwanyi n'ebitooke, okulwanyisa ebiwuka n'endwadde era bawebwa pikipiki.
- Ssemaduuka w'Ebyobulimi n'Obulunzi atusiza ku balimi ebikozesebwa ebiri ku mutindo, ku bbeeyi ensaamusaamu, ebibiina by'Obwegassi biwoleddwa ensimbi ez'okugula ebintu mu Ssemadduka.
- Sssabasajja Kabaka yagulira amasaza 5; Mawokota, Buweekula, Kkooki, Bugerere ne Mawogola. Kalakita era ziyambye nnyo abalimi okusitula omutinda nga zakalima yiika ezisoba mu 150. Abalimi 180 batwalibwa e Kenya emirundi ebiri okuyiga ebyobulimi ebiri ku mutindo.
- Obungi bw'ebirime naddala obw'emmwanyi bweyongedde. Abantu abenyigira mukulima beeyongede obungi era tufuba okulaba nga bafuna ebikozesebwa ng'ebigimusa n'ebifukirira eby'omutindo ku bbeeyi ensaasamusamu. Kino kitegeeza ennyingiza ennyingiza n'ebirimisibwa abantu ba Kabaka bigenze byeyongera.

## B) Okukolagana ne Multipurpose SACCOs abalimi okutundira awamu ebirime nga Kibinge Coffee Farmers ne Masaka Cooperative Union.

Omuganyulo ogusinga obunene mu nteekateeka eno guli nti abalimi baweebwa omwagaanya okuteesa ku bbeeyi ne bawulirizibwa kubanga babeera bassa kimu ne kyongera ku nsimbi ze bafuna mu birime n'ennyingiza yaa.bwe.







# Ekiruubirirwa 12: Pulogulamu y'Okuteekawo Enteekateeka ez'Okukuuma Obutiribiri Obutonde Bwensi n'Okulabirira eby'Obugagga Eby'ensibo nga Twesigama ku Mwoyo gwa Bulungibwansi

## A) Okukuuma, Okutaasa n'okuzzaawo Obutondebwensi

- Essira liteekeddwa ku kusimba Ekibira kya Kabaka ku mbuga emiti gi nnansangwa egisoba mu 85,000 gisimbidwa, pulogulaamu y'Empewo bwe Bulamu, Buganda Youth Environment yatongozebwa, Akacupa Nazo Ssente", okusomesa emigaso n'enkozesa y'entobazi, Kyusa Enfumba yo; okutumbula enfumba etakosa Butondebwansi, enteekateeka eziggya omukka omukyafu mu mpewo (carbon).
- Abavubuka abasoba mu 300 mu mwaka gumu bafuna obukugu mu by'Obutondebwensi, twafuna obuuma :AIRQO" (15) obupima omukka gwe tussa ne buteekebwa mu bitundu bya Buganda ebisangibwa mu kibuga Kampala.
- Enteekateeka eno etwaliddwa mu baana b'amasomero n'amatendekero aga waggulu ekyongedde okuginnyikiza mu mitima gyabwe era ejja kusigalamu nnyo ebbanga eddene.
- Obwakabaka okuzzaawo ebibira kikoze enkizo y'amaanyi, kiwadde eky'okulabirako kya maanyi okusikiriza bannamikago mu nteekateeka y'okulima emiti gye tutaddeko essira.












Empewo
WISCONSIN








## B) Okukola Bulungibwansi ow'Omuggundu



- Okukola Bulungibwansi ow'Omuggundu mu masaza buli lwamukaaga olusemba mu mwezi, okuwagira abantu okulembeka amazzi g'enkuba okugakozesa awaka ne munnimiro, okusomesa okwawula ebisaaniko okubigyamu omuganyulo n'okubikolamu ebintu ebikozesebwa awaka, okulimira awafunda, okulambika amaka ku by'obuyonjo awamu n'okugateekateeka okufuuka "Amaka Amalungi" agalina buli kimu.
- Enteekateeka ya Bulungibwanis ekukuuma Ennono ya Buganda eyo kwekwatiramu ng'abantu ababeera awamu ensonga ezibasomoza basobola okugisalira amagaezi okugivunuka nga bakolera wamu era kyongedde nnyo Obumu mu bantu mu kitundu mwebabeera n'okumanyagana.
- Twebaza nnyo Minisita wa Bulungibwansi, Obutondebwensi, n'Amazzi, Bboodi, Enkiiko n'abaweereza bakola nabo emirimu.

# Ekiruubirirwa 13: Pulogulamu y'Okutumbula Obujjumbize bw'Abantu mu Maka ne mu Bitundu Ebyenjawulo mu Kwenyigira mu Nteekateeka z'Okwekulaakulanya mu Byenfuna nga Tubasobozesa Okweterekera, Okwewola n'Okusiga Ensimbi ku Mitendera Gyonna

## A) Okunyweza SACCOs n'ebibiina by'obweggasi mu Bwakabaka

- Obwakabaka bwatandika ebibiina by'Obwegassi 8 ebyegattira mu CBS PEWOSA; Nsindikanjake Eyeeterekera Kyadondo, Buddu, Ssese, Busiro, Kabula, ne Esuubiryo Zambogo, Buladde Financial Services.
- CBS PEWOSA SACCO endala 4 zitandise okukola; Kyaggwe, Mawokota, Ssingo ne Buweekula.
- Abantu abali mu katale k'ebyensimbi abatuukirwako obuteerevu eteekateeka eno bali 442,975.
- SACCO ezirina akakwate ku Bwakabaka eziragiddwa ziwola abantu n'ebitongole ensimbi eziwera 36 billion ku magoba ga 24%-30% buli mwaka, zirina bammemba ssekinnoomu abawera 50,485, Ebibiina (Groups) - 13,083 nga buli kibiina kirimu abantu 30, Amatabi-48, Abakozi- 283 era bakozesa Tekinologiya 3; Savings Plus, UCUSCU Core, Cams Systems Technology.

**442,975** Abantu abali mu katale k'ebyensimbi abatuukirwako obuteerevu eteekateeka eno














## B) Okuyingiza Abavubuka mu bibiina by'obwegassi ebiriwo n'okubakolamu ebyabwe mu bibiina mwe beegattira.

Abavubuka bakoledwamu ebibiina by'Obwegassi 6; SACCO za Baganda Nkerettanyi, Bbangawa, Abaluŋŋamya b'emikolo, Abasaka ag'e Mengo, CBS Fans Club SACCO, ekibiina ky'Akeezimbira Muvubuka agunjuse mu mwaka gumu kirina ba mmemba abasoba mu 500.

- Enkola ya Kola, Fiisa, Teereka, Weewole egenda esimba amakanda mu Bwakabaka ekyongera abantu okwettanira enkulaakulana.
- Twebaza nnyo Minisita w'Obulimi, Obusuubuzi, n'Obwegassi, CBS FM Laadiyo, CBS NGO n'enkiiko ezikulembera SACCO zino.

OMULAMWA NO.3 : OBWETENGEREZE MU BYENFUNA MU BWAKABAKA

# Ekiruubirirwa 14: Pulogulamu y'Okutondawo Amakampuni g'Obwakabaka ag'Ebyobusuubuzi n'Okusiga Ensimbi

## A) Okuzimba amayumba ag'ekikungu e Kigo.

Ennyumba ezisoba mu 752 ze zizimbiddwa mu pulojekiti ya Mirembe Villas e Kigo.

- Obwakabaka bugasse ettoffaali ddene ku kukendeeza ku bbula ly'amayumba mu Uganda obuteeberezebwa okubeera 2.4Million okusinzira ku bibalo bya Habitat for Humanity International. Pulojekiti eno efuuse eky'okulabirako mu kuteekateeka ebifo obulungi okwewala enzigotta.

| Na. | Omwaka | Ennyumba ezizimbiddwa buli mwaka | Ennyumba | Omuwendo mu dollar |
|---|---|---|---|---|
| 1. | 2023-2024 | 202 | Apartments | $100,000 - $106,000 |
| 2. | 2024-2025 | 254 | Bungalows | $107,000 - $180,000 |
| 3. | 2025-2026 | 296 | Villas | $223,000 - $325,000 |






## B) Ettutumu ly'emikutu gy'Obwakabaka egy'amawulire; CBS FM, BBS Terefayina ne Buganda Media Centre

Abantu balina obwesigwa mu mikutu gy'Obwakabaka egy'amawulire, bettanira okugiwuliriza, okulangirako n'okugoberera buli ekiyita ku mpewo.

- Okusinziira ku alipoota ya IPSOS March 2026, ebibalo biranga nti CBS FM ye radio esinga okuwulirizibwa mu Buganda nga 88.8 ey'Obujjaja eri ku bitundu 17.91% , 89.2. Emmanduso eri ku bitundu 14.81%. Abantu 3,864,042 be bawuliriza Laadiyo zino mu buli ddakiika 15.
- BBS Terafayina y'esinga okulabibwa abaami n'abakyala mu Buganda yonna.













## C) Okukola emirimu gy'Obusuubuzi nga tuyita mu K2 Telecom ne Mwanyi Terimba Limited.

- Kkampuni, ebitongole ne bakasitoma abasoba mu 4,550 abettanidde empeereza za K2 Telecom; Kibuga online - 2500, Zuula ekidduka kyo – 918, Bulk SMS -292.
- Mu myaka 3, Kkampuni ya Mwanyi Terimba Limited yakasuubula kiro z'emmwanyi 1,077,899 ku nsimbi 15,011,465,533/=, n'etunda kiro z'emmwanyi 1,051,005 ku nsimbi 16,797,966,075/=.
- Kaawa Mpologoma atundiddwa wa nsimbi ezisoba mu 350,000,000/= mu bifo ebyenjawulo mu Kampala ne wabweru wa Kampala okuli; Ssemaduuka (supermarkets), ku luwalo mu Bulange, amaduuka aga lejjalejja (retail shops), amaduuka agasuubuza (wholesale shops), mu bibiina by'obweggassi nga CBS POWESA SACCOs, n'ebifo ebirala.
- Wabaddewo okugaziya ennyingiza mu bitongole n'Obwakabaka n'okufunira abavubuka emirimu okugeza;

1. K2 Telecom erina abaweereza 10 n'abalala bangi abafuna commission
2. Mwanyi Terimba Limited : 12

**1.5 bn**

**Ensimbi zaffe ezisuubula zeeyongerako**




| Category | Products |
|---|---|
| Super Market | 28 |
| Phones & Tablets | 1, 360 |
| Electronics | 3, 018 |
| Home & Office | 7, 864 |
| Appliances | 5, 009 |
| Health & Beauty | 3, 034 |
| Computing | 2, 858 |
| Fashion | 886 |
| Baby Products | 879 |
| Gaming | 202 |
| Sports | 35 |
| TVs Video & Audio | 632 |
| Home Appliances | 5 |
| Agriculture36 | 36 |
| Other Categories | 1 |
| **Total Products** | 38, 628 |




| Top 5 Products |
|---|
| Chiq 268L Chest Freezer |
| Electric Popcorn Maker |
| Stainless Steel Cooking Steamer |
| Blender Bottle High Speed |
| Rechargeable Mosquito Killer Repeller |

K2 TELECOM **4,550**

**Kkampuni, ebitongole ne bakasitoma abasoba mu 4,550 abettanidde empeereza za K2 Telecom**

**2500** Kibuga online

Zuula **918** ekidduka kyo

**292** Bulk SMS



**Mu myaka 3, Kkampuni ya Mwanyi Terimba Limited yakasuubula kiro z'emmwanyi 1,077,899 ku nsimbi 15,011,465,533/= n'etunda kiro z'emmwanyi 1,051,005 ku nsimbi 16,797,966,075/=**

# Ekiruubirirwa 15: Pulogulamu y'Okukola Emikago egy'Ebyobusuubuzi n'Egyenkulaakulana y'Abantu

## A) Tukoze emikago egy'Enkulaakulaaana ey'omuggundu;

- Tukolagana ne Ministry of Gender, Labour and Social Development; okutumbula Obuwangwa, Ennono, bawagidde Ttabamiruka w'Abakyala emyaka egisoba mu 3, Ministry of Health; okulwanyisa omusujja gw'ensiri, Ebola n'enteekateeka endala, East African Crude Oil Pipeline; ewagira omulimu gw'okuzimba ekisaawe ky'omupiira e Buddu n'okusimba Ekibira kya Kabaka e Lwabenge, NCBA Bank ya kuwagira okusimba emiti ginnansangwa 20,000 okusimbibwa mu Lubiri lwa Kabaka e Lukunyu nga muno mulimu okugirondola, okugirabirira obulungi okumala ebbanga lya myaka ebiri (2).
- Emikago 23 gye gikoleddwa n'Obwakabaka nga giruubirira okutumbula embeera z'abantu.
- Okukolagana ne Bannamikago wamu n'Abanywanyi kukyusiza embeera z'abantu ba Kabaka okw'omuggundu kubanga bannaffe babeera n'obukugu olumu bateekamu ensimbi ezeegasa era nga baakateekamu ensimbi ezisoba mu 866,313,710/=


Mu myaka 3 egiyise twakola emikago 50, emikago 22 tegyazzibwa buggya, emikago 28 gye gikoleddwa n'okuzzibwa obuggya nga giruubirira okutumbula embeera z'abantu

Enteekateeka eno ewagira ennyingiza n'emirimu gy'Obwakabaka okutambula obulungi era twebaza nnyo BICUL okukwanaganya Bannamikago bano.



**20,000**

**NCBA Bank ya kuwagira okusimba emiti ginnansangwa 20,000 okusimbibwa mu Lubiri lwa Kabaka e Lukunyu**



**23**

**Emikago 23 gye gikoleddwa n'Obwakabaka nga giruubirira okutumbula embeera z'abantu.**




**866,313,710/=**

**...bannaffe babeera n'obukugu olumu bateekamu ensimbi ezeegasa era nga baakateekamu ensimbi ezisoba mu 866,313,710/**







EAST AFRICAN CRUDE OIL PIPELINE

NCBA

NEMA National Environment Management Authority ENSURING SUSTAINABLE DEVELOPMENT

## B). Emikago gy'Obusuubuzi; Airtel Uganda, PLASCON, I&M bank, Nivana n'emirala

- Airtel ewagira enteekateeka nyingi nnyo mu Bwakabaka ng'okukuza ebitone ne Centenary Bank, I&M bank, Plascon y'esiiga ebizimbe okuli Bulange, Masengere, Twekobe, Butikkiro, n'ebirala.
- Twebaza nnyo Majestic Brands Limited olw'okukwanaganya bannamikago bano.

airtel

Centenary Bank

I&M

nivana

# Ekiruubirirwa 16: Pulogulamu y'Okufuula Buganda Ekitundu Ekisinga Okuyaayaanirwa Bannamikago egya buli ngeri mu Uganda

## A). Enkola y'Okukolagana ne Bannamikago.

Twakola enkola y'Okusiga ensimbi, (Investment Policy), akatabo akalaga eby'okusigamu ensimbi (Investment Portfolio) kateekebwa ku mutimbagano gwa Uganda Investment Authority era kakyusibwa buli mwaka.

- Kumpi buli wiiki, abantu abenjawulo omuli Gavumenti eya wakati, bannamikago, ebitongole, bannaddiini n'abantu ssekinnoomu batuweereza nnyo ba musiga nsimbi n'ebitebe by'amawanga g'ebweru wa Uganda okutwettanira okulaba bwe twetaba mu myoleso n'okukolagana nabo.







## B). Okutandika Mengo Chamber of Commerce

- Mengo Chamber of Commerce Limited yawandiisibwa mu butongole mu Uganda Registration Services Bureau (URSB) era etambuza emirimu gyaayo mu mateeka, Bboodi yatongozebwa nga ekulemberwa Omuk. John Fred Kiyimba Freeman, bafuna ekkalabizo mwebakolera emirimu.

Mengo Chamber of Commerce yakuyambako mu kulungamya abantu mu by'Obusuubuzi.



THE COMPANIES ACT

Certificate of Incorporation

I CERTIFY that MENGO CHAMBER OF COMMERCE LIMITED [Limited By Guarantee Without Share Capital] has this day been incorporated with Limited Liability

Dated at Kampala, this 09 th day of September the year 2025

Signature: CHANDIA AGNES

1/1

# Ekiruubirirwa 17: Pulogulamu y'Okutumbula eby'Obulambuzi Buganda by'Erinako Enkizo

## A) Omutindo tugusitudde mu bifo by'Obulambuzi omuli, Olubiri lw'e Mengo, Amasiro g'e Kasubi n'ebifo ebirala.

- Omuwendo gw'abalambuzi okuva mu Nsi yonna gweyongedde, abetaanira ebifo by'Obwakabaka eby'Obulambuzi okusoma ku buwangwa n'ennono zaffe.
- Olubiri lwe Mengo lwateekebwa ku lukalala lw'ebifo 10 eby'obulambuzi mu nsi yonna ebisinze okwettanirwa mu mwaka gwa 2025 era lwaweebwa engule eyitibwa TripAdvisor Traveller's Choice Awards, eyatuweebwa omukutu gwa "TripAdvisor" ogukola okulambika abalambuzi mu Nsi yonna.







| Historical Site | Number of Visitors |
|---|---|
| Lubiri | 34,847 |
| Bulange | 9,369 |
| Amasiro | 30,627 |
| Total | 74,843 |





## B) Twakola Kasubi Management Plan erimu n'enteekateeka y'okusolooza ensimbi ku mutimbagaano

- Engereddwamu okuteereza ezirukanya y'emirimu mu Masiro gatuukaane n'omulembe abalambuzi bafune empeereza eri ku mutendera gw'eddaala ly'ensi yonna nga tukuuma n'obwangwa n'ennono zaffe.

## C) Twakola omukululo gw'ebifo eby'Obwakabaka Ebyobulambuzi;

Omukululo gwe byobulambuzi ebyesigamizidwa ku nnono mu Buganda gwakolebwa;

- Muno mulimu Amasiro ga Bassekabaka, Ebika, Embuga z'Abaami, Ebizinga n'ebifo ebirala.
- Kino kigendereddwamu okusitula omutindo gw'ebifo by'obuwangwa bwaffe nga biteekeddwateekeddwa bulungi okubitunda eri abalambuzi kubanga bonna abajja mu Uganda bayitira mu Buganda okugenda mu bitundu ebirala.








# Ekiruubirirwa 18: Pulogulamu y'Okutumbula Ennyingiza y'Ensimbi mu Masaza

## A) Okukola emyoleso gy'Obwegassi n'Obulimi mu masaza; Kyaggwe, Buddu ne Bulemeezi.

- Abantu abajja mu myoleso gino okwolesa, okulambula n'okugula ebintu basasula ensimbi era essaza lifunako omutemwa gw'okuddukanya emirimu





## B) Okuwagira amasaza okutandiika pulojekiti Pulayimale, Ensuku "Olwa Kabaka n'olwa Nnabagereka" n'emmerezeso z'emwanyi.

- Emmerezeso 6 zitandikiddwa mu masaza; Kyagwe, Gomba, Busiro, Buddu, Busujju, ne Mawokota.
- Pulojekiti zino ziyingiza ensimbi eziwagira emirimu n'enkulaakulana ku mbuga.








## C) Okukunga abantu mu masaza okusitula omutindo gw'embuga n'okusaka obuwagizi

1. Pookino yaddaabiriza Buddukiro
2. Ssekiboobo azimbye Bbugwe ku nyumba Kagerekamu n'okukola oluggya lw'embuga.
3. Katambala addaabirizza ennyumba Ssemayembe.
4. Kasujju addaabirizza enju Butanga
5. Kitunzi addaabirizza enju y'essaza Golola
6. Obugaali kati buweze 370 e Ssingo ng'ogasseeko n'obwemyaka 2 obwasooka. Mukwenda agabye obugaali bwabalema 97.
7. Mukwenda asimye oluzzi lwa Nayikondo ku ssaza olwaweebwayo Dr. Jackson Ssekikubo n'ekitongole kya 25:35

Mu 2023/24, enju za Ggombolola zino nazo zaddaabirizibwa;

1. Ssaabagabo Ntuusi (Mawogola): eno yenju ya gombolola ekyasinze okuddaabirizibwa ku mutindo ogwa waggulu.
2. Ssaabagabo Ssekanyonyi Ssingo.

- Ekitiibwa ky'embuga z'amasaza n'Amagombolola kikyuse olw'emirimu egikolebwa okusikiriza abapangisa










**370**

**Obugaali kati buweze 370 e Ssingo ng'ogasseeko n'obwemyaka 2 obwasooka. Mukwenda agabye obugaali bw'abalema 97**

# 4.0 Okwekenneenya Embalirira y'Obwakabaka 2025/2026

## 4.1 Ennyingiza mu Bwakabaka

Mukama wange Sipiika, nina essanyu okutegeeza Olukiiko lwo nti omwaka gw'ebyensimbi 2025/2026 tugumazeeko n'obuwanguzi mu byenfuna mu Bwakabaka, naddala ku ludda lw'ennyingiza.

Ennyingiza eyiseeko ebitundu 4.9% kuzabalwa **(Twabalirira okuyingiza 305,502,820,947/= naye twayingiza 320,508,765,226/=)** ekiraga nti ennyingiza mu Bwakabaka ya kusooloobako ebitundu **4.9%** bwogeraageranya n'ezo ezaali zaabalirirwa.



## Omweso Ogulaga Amakubo Agawaniridde Ennyingiza mu Bwakabaka

| Na | Ekkubo ly'ennyingiza | Olupimo lw'Ekyabalirirwa | Okunnyonnyola |
|---|---|---|---|
| 1 | Luwalo Lwaffe | Zaasukkamu | • Luwalo Lwaffe lwayingiza ensimbi **Shs. 1,953,545,400/=** mu mwaka 2025, zeeyongera ebitundu **+15.8%** ku z'omwaka 2024, **Shs. 1,686,199,406/=.**<br>• Kino kivudde ku bantu okwagala ennyo Kabaka, obwesige mu bukulembeze bw'e Mengo, obukelembeze obunywevu mu masaza n'enteekateeka ez'omuzinzi ez'okukunga abantu. |
| 2 | Ensimbi z'Ebyaffe okuva mu gavumenti | Zaasukkamu | • Gavumenti eya wakati yasasulako ku sente ezibanjibwa mu mwaka 2025/2026 n'ezisukkuluma ebitundu **+75%** ku buwumbi **22,000,000,000/=** bwe twali tutadde mu mbalirira twafuna **38,500,000,000/=** |
| 3 | SACCOs n'obwegassi | Zaasukkamu | • Omuwendo gw'abantu abeeyunidde mu kutereka n'okwewola kweyongedde nga SACCO's n'obwegassi zikuze era zaakola bulungi ne ziyingiza **76,102,921,868/=** ebitundu **+5.3%** ebisukkuluma ku **72,011,552,171/=** ezaali zaabalirirwa. |
| 4 | Emikago egy'enkulaakulana | Zaasukkamu | • Obwakabaka bwolesezza omutindo ogwa waggulu mu kukuuma bannamikago abakadde n'okusikiriza abaggya era emikago gikoze bulungi ne gisukkuluma n'ensimbi **73,917,600,000/=** by'ebitundu **+0.3%** kwezo ezaali zaabalirirwa **73,630,500,000/=** |
| 5 | Ebyenjigiriza | Zaasukkamu | • Ennyingiza okuva mu bitongole ebigwa mu kkowe ly'ebyenjigiriza yalinya era n'etuuka ku nsimbi **26,760,330,619/=** ezisukkuluma ku **26,495,376,850/=** ezaabalirirwa ebitundu **+1%** . Kino kivudde ku kulinnya kw'omuwendo gw'abayizi. |
| 6 | Ettaka n'Ebizimbe | Wansi w'embalirira | • Twabalirira **2,799,820,481/=** naye netuyingiza **1,922,887,144/=** eziri wansi w'ezo ezaabalirirwa ku bitundu **-31.3%**<br>• Kino kyava ku mbeera y'ebyobufuzi n'ebyokulonda ebyalobera abantu okusasula emitemwa gyabwe. Kyasannyalaza ebyobusuubuzi, n'okuleetera abantu okwekengera okuteeka ensimbi mu kusasulira emitemwa ku ttaka. |

Embalirira eyakolebwa yassa essira ku bintu bino: okubanja "**Ebyaffe**" okuggyayo omutemwa ogwakkirizibwa gavumenti ya Uganda mu mbalirira yaayo eya 2025/2026 ogwa **UGX 38.5billion**, okunyweza n'okwongerako ku bannamikago mu byobulamu, emizannyo n'obutonde bw'ensi, wamu n'okukozesa tekinologiya okusitula omutindo gw'embeera z'abantu.

Ku mutendera gw'amakubo ag'enjawulo agavaamu ensimbi, **Luwalo Lwaffe** lweyolekera ddala ng'omukutu ogw'amaanyi, kubanga lwayingiza ensimbi **Shs. 1,953,545,400/=** mu mwaka 2025 zeeyongera ebitundu **15.8%** ku z'omwaka 2024, **Shs. 1,686,199,406/=.**

Kino kyesigamye ku bwesige abantu ba Kabaka bwe balina mu nteekateeka z'Obwakabaka, obujjumbize bw'abantu abettanira obuweereza bw'Obwakabaka, n'okukola ebirabikako era ebyongera abantu essuubi nti ensimbi zaabwe zikozesebwa mu ngeri esaanidde.

Luwalo Lwaffe lukyagenda mu maaso ng'emu ku mpagi enkulu ez'amaanyi eziyingiza ensimbi mu Bwakabaka okuva mu bantu aba bulijjo mu ngeri eya kyeyagalire. Mu ngeri y'emu, **SACCOs n'ebibbina by'obwegassi** byeyoleka nga bikoze bulungi ddala okusukkuluma ku nyingiza ebitundu **5.3%** (twabalirira **72,011,552,171/=,** twafuna **76,102,921,868/=).**

Bannamikago n'abanywanyi n'abo babade basaale mu nnyingiza mu Bwakabaka. Kino kivudde ku kweyongera kw'amaanyi agateereddwa mu bantu ba Ssaabasajja mu masaza gaabwe gye bawangaalira nga tubakubiriza okukolera awamu mu by'ensimbi.

SACCO zireetedde abantu okujjumbira enkola z'okutereka n'okwewola ensimbi, ate n'okwongera amaanyi mu kuzimba, okunyweza n'okugaziya obuweereza bwa SACCO butuuke ku bantu abawera naddala mu **Kyaggwe ne Mawokota**. Kino kiraga nti ebyenfuna ebyesigamiziddwa ku bwegassi bigenda kukula era byongere obusobozi bw'abantu mu kuwanirira ennyingiza mu Bwakabaka.

Mu ngeri y'emu n'ebyenjigiriza nabyo byayingiza ensimbi ezegasa, ebitundu **1% (26,760,330,619 - 26,495,376,850)** okusukkuluma ku mutemwa ogwagerekebwa mu mbalirira ya 2025/2026.




# 1,953,545,400/=

**Luwalo Lwaffe** lweyolekera ddala ng'omukutu ogw'amaanyi, kubanga lwayingiza ensimbi **Shs. 1,953,545,400/=** mu mwaka 2025 zeeyongera ebitundu **15.8%** ku z'omwaka 2024, **Shs. 1,686,199,406/=.**



# 76,102,921,868/=

**Mu ngeri y'emu, SACCOs n'ebibbina by'obwegassi byeyoleka nga bikoze bulungi ddala okusukkuluma ku nyingiza ebitundu 5.3% (twabalirira 72,011,552,171/=, twafuna 76,102,921,868/=).**


## Omweso ogulaga Ennyingiza

| Vote | Amakubo agavaamu ensimbi | Ezaabalirirwa 2025/2026 | Ezaafunibwa 2025/2026 |
|---|---|---|---|
| 10100 | Envujjo, Busuulu n'Ekkanzu ku Ttaka | 36,000,000,000 | 35,130,000,000 |
| 10200 | Ensimbi ezibanjibwa okuva mu Gavumenti eya wakati | 22,000,000,000 | 38,500,000,000 |
| 10300 | Ebisale okuva mu bayizi | 26,495,376,850 | 26,760,330,619 |
| 10350 | Sikaala z'Obwakabaka | 1,303,372,288 | 1,472,505,000 |
| 10400 | Obusuulu okuva mu bizimbe | 2,799,820,481 | 1,922,887,144 |
| 10500 | Ekimu ku kikumi okuva mu baweereza | 292,094,968 | 370,884,282 |
| 10600 | Bannamikago (Abasizi bensimbi) | 73,630,500,000 | 73,917,600,000 |
| 10650 | Abanywanyi (Betukola nabo Emirimu) | 10,195,760,000 | 10,202,342,287 |
| 10700 | Eby'emizannyo, Abavubuka n'Ebitone | 2,055,000,000 | 2,467,068,200 |
| 10800 | (MBL) Satifikeeti, ebbaluwa, Oluwalo n'Ebyettunzi bw'Obwakabaka | 8,065,109,599 | 9,080,106,142 |
| 10930 | Weerinde Insurance Services Limited | 534,166,151 | 298,531,295 |
| 10960 | Mwanyi Terimba Limited | 14,950,261,640 | 10,412,877,544 |
| 11000 | Abawagizi ba Buganda abali ebweru wa Uganda | 160,000,000 | 148,070,249 |
| 11100 | Eby'empuliziganya n'Amawulire | 19,125,909,609 | 19,485,383,606 |
| 11200 | Eby'obulambuzi mu Buganda | 1,228,797,800 | 1,063,749,418 |
| 11400 | Ebibiina by'Obwegassi (Cooperatives) | 72,011,552,171 | 76,102,921,868 |
| 11500 | Ensimbi ezinaakunganyizibwa mu Masaza | 8,211,628,004 | 8,375,860,564 |
| 11600 | Ensimbi Eggwanika lye zibanja. | 891,997,218 | 651,618,561 |
| 11700 | Buganda Kingdom Education Institution's Development Fund | 173,650,000 | 207,127,900 |
| 11800 | Buganda Cultural & Heritage Support Fund | 493,500,000 | 343,194,068 |
| 11900 | Ensimbi ezikungaanyizibwa okuva mu butale bwa Kabaka | 550,600,000 | 515,605,000 |
| 11950 | Ensimbi okuva mu kwenyigira mu " Consent Settlement"okusala ku nsimbi ezibangibwa Obwakabaka n'ebitongole | 1,008,500,000 | 1,098,350,000 |
| 11955 | Ekibiina kya Balungamya b'emikolo mu Bwakabaka | 100,000,000 | 85,000,000 |
| 11958 | Nkuluze Holdings Limited | 230,000,000 | 245,000,000 |
| 11961 | Ensimbi ezisuubirwa mu kibiina ky'olulimi Oluganda | 87,360,000 | 71,247,600 |
| 11964 | BUCADEF | 2,236,864,167 | 1,565,804,917 |
| 11967 | Go Fund Me Pulogulaamu (Crowd Funding) | 356,000,000 | - |
| 11985 | Amagoba ( Dividents) okuva mu Bitongole by'Obwakabaka | 315,000,000 | 69,898,963 |
| | **Omugatte ogw'ennyingiza ogw'awamu** | **305,502,820,947** | **320,563,965,226** |

## 4.2 Ensaasaanya mu Bwakabaka

### 4.2.1 Embalirira y'Omwaka 2025/2026 yali ku mulamwa:

"Okusembeza Omuvubuka mu Kuteekateeka n'Okussa mu Nkola Pulogulaamu z'Obwakabaka Okuziganyulirwamu Awamu". Nzikiriza mukama wange Sipiika nkuwe eby'enkizo ebikoleddwa okuwagira abavubuka mu mwaka gw'ebyensimbi oguwedde




**245,853,553/=**

**Omwaka we guggwereddeko ng'abavubuka 9,460 bakoze bizinensi etambuza ensimbi (Airtel Money Transaction) ezibaliddwa ensimbi 245,853,553/= ne bafuna commission.**

### Alipoota Y'enkulaakulana Y'abavubuka 2025/2026

Kasambula 2025 - Ssebaaseka 2026 | Okusembeza Omuvubuka mu Kuteekateeka n'Okussa mu Nkola Pulogulaamu z'Obwakabaka

**Obubonero bw'enkyukakyuka n'ebituukiddwako ebisooka**

**2,200**
Abavubuka abeewandiisizza mu Minisitule y'Abavubuka

**202**
Amasomero n'amatendekero ageewandiisizza (amasomero 110, amatendekero 92)

**149**
Ebibiina bya Nkobazambogo mu masomero n'amatendekero ebyatuukiddwaako/ebyayambiddwa


**950+**
abakulembeze b'abavubuka abatendekeddwa mu kuzza obuggya obukulembeze mu Masaza 14

**1,020**
Abayizi abakulembeze abasomeseddwa mu Akalibakendo mu masomero 67 mu Masaza 5

**50+**
abavubuka abafuna ensimbi ate nga bakuuma obutonde mu Kachupa Nazo Ssente

**45**
abavubuka abaayolesa emirimu n'obuyiiya ku lunaku lw'Abavubuka

**UGX 19.5m**
ezakunganyizibwa Bannankobazambogo okuwagira emirimu gy'Obwakabaka



### Enteekateeka z'enkyukakyuka 2025/2026

- Abavubuka **7,894** be bawandiisiddwa okwenyigira mu nteekateeka eri mu matendekero aga waggulu okukola mu Airtel-K2- ne Buganda Youth Championship pulogulaamu. Omwaka we guggwereddeko ng'abavubuka **9,460** bakoze bizinensi etambuza ensimbi **(**Airtel Money Transaction) ezibaliddwa ensimbi 245,853,553**/=** ne bafuna commission.
- Minisitule y'Ebyobulimi ne BUCADEF baatendeka abavubuka **1,943** mu bulimi obuvaamu ensimbi mu masaza **11;** Butambala, Mawogola, Kyaggwe, Buweekula, Bulemeezi, Ssingo, Buddu, Kkooki, Kabula, Busujju, Gomba n'okulimira awafunda n'abavubuka **100** buli mwaka okuyingira mu kutendekebwa (internship).
- Abavubuka abegatta mu muzannyo gw'okusamba omupiira mu ggombolola bali **4713**, masaza bali **481**

**O**kwewandiisa -> okwegatta -> okutendekebwa -> okukwataganyizibwa ku nfuna -> okulondoola ebivaamu.




**Ebifaananyi okuva mu alipoota z'emirimu**





**Ekyokumanya:** Ebibalo ebimu biraga ebikoleddwa n'obubonero bw'ebisooka eby'enkyukakyuka okuva mu alipoota y'emirimu gy'abavubuka 2025, Embalirira y'Obwakabaka 2025/2026 n'amawulire amatongole g'Obwakabaka. Ebibalo eby'oluvannyuma ku nnyingiza eyeeyongedde n'emirimu egisigalawo bisaanye okulondoolebwa mu kutuukiriza enteekateeka.



**Ebikozeseddwa:** Alipoota y'Emirimu gy'Abavubuka 2025; Embalirira y'Obwakabaka 2025/2026; n'amawulire amatongole g'Obwakabaka.

Ku ludda lw'ensaasaanya mu Bwakabaka mu mwaka gw'ebyensimbi 2025/2026, ebirala eby'enkizo ebyasasanyizibwaako ensimbi mwe mwaali;

### 4.2.2 Amasiro g'e Kasubi

Amasiro g'e Kasubi ge gasinze okutwala omutemwa gw'ensimbi omunene era we twogerera gawedde. Okuzzaawo Kasubi kibadde ku mwanjo nnyo mu mwaka gw'ebyensimbi guno. Omulimu guno gubadde gwa nkizo nnyo kubanga gukwatira ddala ku mpagi enkulu ennyo mu Bwakabaka ey'okukuuma n'okutumbula obuwangwa n'ennono zaffe ng'Abaganda.

### 4.2.3 Embiri ne Twekobe e Kireka

Ensimbi ez'okumaliriza Olubiri lwe Bamunanika nazo zaasasulwa, okwo ssaako okumala Twekobe y'e Kireka n'okuddaabiriza Olubiri lw'e Mengo.

### 4.2.4 Ebyobulamu

Edwaliro Kabaka Muteesa II Busimbi omutendera ogusooka (outpatient) lyamalirizibwa era lyatandika okutuusa obuweereza ku bantu mu by'obujjanjabi kyokka n'amalala okuli ery'e Nyenga n'e Buddu nago gakyazimbibwa.

### 4.2.5 Ebyentambula

Ebidduka ebimu ebikadde ennyo byakyusibwa ebipya ne bigulibwa okusobozesa abakulembeze mu Bwakabaka okutuusa obuweereza ku bantu ba Beene.









## 4.2.6 Ebyenjigiriza

**Okutandikawo ebifo awakuumirwa n'okutendeka abaana abato abaakatandika okusoma. Amasomero g'abaana abato 20 mu masaza ag'enjawulo ge gatandikiddwawo mu mwaka gw'ebyensimbi guno era gaddukanyizibwa bulungi.**

**Ebiragiddwa waggulu bye bimu kwebyo eby'enkizo ebisaasaanyiziddwako ensimbi z'Obwakabaka mu mwaka gw'ebyensimbi 2025/2026. Bino byonna biraga nti ensaasaanya yakola nnyo emirimu egy'enkizo.**

## Omweso Ogulaga Ebisaasaanyiziddwako Ensimbi z'Obwakabaka

| Na. | Ekisaasaanyizibwako | We tutuuse | Okunnyonyola |
|---|---|---|---|
| 1 | Amasiro g'e Kasubi | Kyagguka | Ensaasaanya ku masiro g'e Kasubi ebadde nnene nnyo era emazeewo akawumbi **1,612,000,000 o**kuviira ddala ku ntandikwa y'omwaka.<br>Kino kiraga nti pulojekiti eno yali ya nkizo nnyo era esuubirwa okumalirizibwa ng'omwaka gw'ebyensimbi guno tegunnaggwako. |
| 2 | Eddwaliro Kabaka Muteesa II, Busimbi n'amalwaliro amalala abiri | Kyagguka | Ensimbi **604,184,780** ze zaakozesebwa okumaliriza okuzimba amalwaliro Kabaka Muteesa II, Busimbi n'okutambuza emirimu e Mukungwe ne Nyenga |
| 3 | Okuwagira emirimu gya Nkuluze | Tutambudde bulungi | Nkuluze yawagirwa mu mbalirira eno n'obuwumbi **30,000,000,000** ekiraga nti amaanyi agassiddwa mu kuzza obuggya embiri naddala olw'e Bamunanika, Mengo ne Kireka. |
| 4 | Ebyentambula | Kyagguka | Ebyentambula byayongera okulongooka oluvanyuma lw'okukyusa ebidduka ebyali bikaddiye ebisinga okukola emirimu nga bitalaaga Obuganda. Ensaasaanya eya **722,040,000** ku nsonga eno yakozesebwa mu ngeri esaanidde. |
| 5 | Okuteekateeka n'okutendeka abaana abato | Kyagguka | Nasale 20 zigguddwawo mu masaza n'eggombolola ez'enjawulo era abasomesa baasasulwa emisaala n'okugula ebikozesebwa mu bifo awakuumirwa abaana ebiweza ensimbi **351,666,700.** Ebbanja ly'okugula ettaka n'ebizimbe okuli Kooki Nursery School nalyo lyasasulwa ne liggwayo. |
| 6 | Okuwagira SACCO n'obwegassi | Tutambudde bulungi | Ensaasaanya mu kkowe ly'okugaziya n'okuyitimusa SACCO eziri ku musingi gw'Obwakabaka n'ebibiina by'obwegassi essiddwako omulaka era nga kino kyasaasaanyizibwako obuwumbi **74,856,228,271.** |
| 7 | Ettaka, Ennono n'ebifo eby'enkizo | Tutambudde bulungi | Okukuuma ettaka, eby'obuwangwa n'ebintu by'Obwakabaka eby'enkizo ensimbi ezivujjiridde enteekateeka eno zisobye mu buwumbi bubiri (2BN) nga n'egimu ku mirimu egikoleddwa gya twekisize olw'ennono ezigyetooloolerako. |

## Omweso ogulaga Ensaasaanya

| No. | Ekisaasaanyizibwaako | Ezaabalirirwa 2025/2026 | Ezasaasanyizibwa 2025/2026 |
|---|---|---|---|
| 20100 | Okuddukanya emirimu mu Nkuluze | 21,478,830,600 | 30,000,000,000 |
| 20200 | Okulabirira Woofiisi ya Ssaabasaajja Kabaka | 701,850,000 | 700,350,000 |
| 20300 | Eby'okulabirira ettaka ( Buganda Land Board ) | 13,544,160,098 | 13,273,276,896 |
| 20400 | Okuzimba n'Okugaziya Embiri | 4,817,713,900 | 8,600,000,000 |
| 20500 | Okumaliriza Amasiro g'e Kasubi | 500,000,000 | 1,612,000,000 |
| 20600 | Okuddabiriza Twekobe n'Okulabirira Olubiri lw'e Mengo | 1,055,995,103 | 1,109,000,000 |
| 20700 | Okuddaabiriza Butikkiro Phase 11 | 350,000,000 | 54,729,000 |
| 20800 | Okuddaabiriza n'okuddukanya ebizimbe | 1,071,246,999 | 1,464,486,785 |
| 20900 | Okwekulaakulanya n'okusiga ensimbi | 73,514,752,381 | 88,071,200,000 |
| 21000 | Ensaasanya ku Satifiiketi, Bbaluwa , Luwalo Lwaffe | 3,866,398,907 | 4,253,038,797 |
| 21030 | Okuyimirizawo emirimu gya Weerinde Insurance services | 460,000,000 | 501,609,925 |
| 21060 | Okuyimirizawo emirimu gya Mwanyi Terimba Ltd | 14,349,395,004 | 10,412,877,544 |
| 21070 | Okuyimirizawo emirimu gya Nkuluze Holdings Limited | 190,000,000 | 202,600,000 |
| 21080 | Okuddukanya mu butale bwa Kabaka ( REXBA) | 530,600,000 | 435,500,000 |
| 21100 | Okutumbula Eby'enjigiriza mu Buganda | 25,741,290,011 | 24,361,645,510 |
| 21200 | Eby'emizannyo, Abavubuka n'Ebitone | 6,837,371,500 | 4,381,385,831 |
| 21300 | Obulimi, Obwegassi , Obusuubuzi n'Obuvubi | 77,411,824,549 | 75,671,531,272 |
| 21400 | Gavumenti ez'Ebitundu | 8,980,307,544 | 8,794,616,643 |
| 21450 | Ensonga za Buganda ebweru wa Buganda ne Uganda | 99,500,000 | 86,870,000 |
| 21500 | Okuteekateeka eby'okusigamu ensimbi | 1,243,040,000 | 748,387,500 |
| 21600 | Okutumbula Eby'obulamu | 6,399,000,000 | 5,777,851,851 |
| 21700 | Eby'Ettaka, n'Ebizimbe | 364,000,000 | 351,490,000 |
| 21730 | Emirimu gya Bulungibwansi n'Obutonde Bwensi | 1,025,977,500 | 1,257,490,682 |
| 21800 | Okuluŋŋamya obukulembeze mu Bika | 584,800,000 | 363,050,000 |
| 21900 | Eby'obuwangwa Ennono, n'Ebyokwerinda | 2,138,385,000 | 1,598,863,550 |
| 21950 | Ekitongole ky'okunoonyereza mu Bwakabaka. | 234,290,000 | 131,444,000 |
| 22000 | Eby'obulambuzi | 1,519,642,025 | 1,489,249,185 |
| 22100 | Emikolo gy'Obwakabaka , ne nsonga za Pulotoko | 1,092,540,000 | 1,007,055,000 |
| 22140 | Amawulire, Okukunga n'Obwogezi bw'Obwakabaka | 287,042,000 | 157,923,710 |
| 22200 | Ebikozesebwa eby'ensibo | 1,444,500,000 | 834,990,000 |
| 22300 | Okuwagira emirimu mu woofiisi ya Nnaabagereka | 54,090,000 | 52,090,000 |
| 22400 | Okusasula Amabanja | 2,768,820,880 | 3,074,767,572 |
| 22500 | Ekikula ky'Abantu | 325,080,000 | 314,255,000 |
| 22600 | Ensaasanya ku by'empuliziganya | 18,710,909,609 | 18,559,909,609 |
| 22800 | Olukiiko lwa Buganda Olukulu | 658,500,000 | 654,500,000 |
| 22905 | Abaweereza | 5,831,539,629 | 5,869,939,629 |
| 22915 | Abakugu ab'enjawulo | 36,100,000 | 32,950,000 |
| 22920 | Okuddaabiriza Amakakkalabizo | 335,000,000 | 228,500,000 |
| 22925 | Okulabirira ebidduka | 778,800,000 | 669,346,075 |
| 22930 | Ebikwata ku baweereza | 358,000,000 | 240,878,000 |
| 22935 | Entambula z'omunda ne wabweru w'Eggwanga | 325,000,000 | 353,095,250 |
| 22940 | Ebikozesebwa mu Makakkalabizo | 331,296,150 | 313,250,000 |
| 22945 | Ebirabo n'obuyambi obuweebwa | 290,000,000 | 285,000,000 |
| 22950 | Emisoso gya bbanka | 38,000,000 | 37,500,000 |
| 23100 | Okuddukanya Woofiisi ya Bannamateeka (Law Chambers) | 1,264,000,000 | 1,372,000,000 |
| 23200 | Okukola ku Nsonga za Buganda ez'Enkizo | 361,000,000 | 209,550,000 |
| 23300 | Tekinologiya n'Obuyiiya ( ICT & INNOVATION) | 613,630,000 | 307,350,000 |
| | **Omugatte ogw'Ensaasanya ogw'awamu** | **304,914,219,389** | **320,279,394,816** |
| | | | |
| | **Ekitundu ku kikumi (Percentage Growth)** | | |
| | | | |
| | **Enfissi** | **588,601,557** | **284,570,410** |

# 5.0 Alipoota ku Mbalirira ya 2025/2026 nga bw'etambudde eraga ebintu bisatu ebikulu

a) **Ekisooka:** Obwakabaka bumalirizza omwaka ng'ennyingiza eri waggulu w'embalirira okutwaliza awamu.

b) **Ekyokubiri:** Enkola ey'oluwalo, SACCOs, bannamikago ne tekinologiya bye biwagidde okusitula ennyingiza mu mbalirira eno.

c) **Ekyokusatu:** Ebyettaka wamu n'obupangisa bye bifunye okusomooza olw'embeera y'ebyobufuzi n'akaseera k'okulonda.

**Mu bufunze, omwaka gw'Ebyensimbi 2025/2026 guweddeko nga tuyimiridde bulungi ng'Obwakabaka mu by'ennyingiza.**

**Ku luuyi olw'ensaasaanya, wakati mu kusoomoozebwa kwonna okubaddewo, tulafuubanye okutuukiriza n'okuggusa pulojekiti ez'enkizo naddala mu by'obuwangwa, ebyobulambuzi, ebyobulamu, entambula, n'okutumbula obusobozi bw'abantu nga tuyita mu byenjigiriza n'okutumbula tekinologiya nadala eri abavubuka n'abakyala.**




## 5.1 Embeera y'Ebyenfuna mu Nsi Yonna mu 2026/2027

Embeera y'ebyenfuna mu nsi yonna esuubirwa okukula n'ebitundu **3.1%** mu 2026 ate **3.2%** mu 2027**.** Ebisuubirwa eby'enkizo bye bino wammanga:

a) **Okukkakkana mu kunaabuuka kw'ensimbi:** Mu nsi yonna kusuubira okukkakkanira ku bitundu 4.5%, okuva waggulu gye kwali ku ntandikwa y'emyaka gya 2020, era kino kijja kusobozesa emiwendo egisuubulirwako okwongera okutereera singa ebeeyi y'amafuta tepaluuka.

b) **Okutereera kw'enkola n'enteekateeka z'ebyesimbi**: Banka enkulu ez'amawanga ga nnaggwedda nga (US, EU) zitandise okukendeeza ku miwendo kwe ziwolera ekisuubirwa okuyitimusa ensimbi z'amawanga agakyakula nga Uganda.

c) **Tekinologiya** n'emirimu egikolebwa mu kweyambisa amagezi amakusike aga tekinologiya (AI) kati kiyambye nnyo mu kukula kw'ensi yonna, ekikkaatiriza obwetaavu bw'okweyambisa tekinologiya mu mirimu gyonna egikolebwa.

d) **Ebbeeyi y'emmwanyi ne kooko** ekyali waggulu olw'ebbula lyabyo mu butale obumanyiddwa ku mutendera gw'ensi yonna, ekiwa Buganda enkizo okwegiriisiza mu katale k'ebirime mu nsi yonna singa tunaaba tweteeseteese bulungi.




## 5.2 Endabamu y'Ebyenfuna mu Buvanjuba bw'Afirika 2026/2027

Obuvanjuba bw'Afirika kye kimu ku bitundu ebikyakulira ku mutendera ogwa waggulu ddala, nga GDP esuubirwa okukula ku bitundu 6.1% mu mwaka gw'ensimbi ogwo.

a) **Obutale wakati w'amawanga mu kitundu kino**: Okuyingiza Congo (DRC) ne Somalia mu mukago guno ogwa EAC (East African Community) kiyambye abantu abasoba mu bukadde obusatu okufuna gye batunda eby'amaguzi byabwe, okusingira ddala abasuubuzi Bannayuganda.

b) **Enkulakulana mu by'Entambula n'Amasanyalaze:** Okumaliriza ebitundu eby'enkizo ku luguudo lw'egaali y'omuka olwa "standard guage" n'okutuusa amasannyalaze kumpi mu buli kitundu mu nkola ey'obwasseruganda kikendeezezza ku miwendo gy'ensimbi ez'okukola emirimu mu mawanga agali mu mukago.

c) **Amateeka g'Ebyemisolo mu by'Obusubuzi:** Ensuubulagana eyeesigamizibwa ku tekinologiya naddala mu kugereka n'okusasula emisolo kikendeezezza ebiseera abasuubuzi bye bakozesa okutuusa ebyamaguzi byabwe gye biraga, wadde nga wakyaliwo emisoso emirala mu mawanga ag'enjawulo egikosa eby'obusuubuzi nga gyetaaga okunogera eddagala nga bayita mu kutondawo enkola eyaawamu eri mu mateeka.

## 5.3 Embalirira ya Uganda 2026/2027:




Embalirira ya Uganda eyayisibwa ey'omwaka gw'eby'ensimbi 2026/2027 ya **butabalika (trillion) 84.29** ekiraga okweyongerako kwa bitundu 16% bw'ogeraageranya n'omwaka ogwayita. Eno y'embalirira esoose okwesigamizibwa mu kuteeka mu nkola "manifesto" ya NRM eya 20/26/27-2030/31 era yeesigamiziddwa ku Nteeketeeka y'Eggwanga ey'okuna (NDP IV) wamu n'enteekateeka y'enkulaakulana ey'omuggundo (Ten-fold Growth Strategy).

Ekigendererwa ekisinga obukulu mu nteekateeka eno kya kwongera nsimbi mu byenfuna bya Uganda naddala mu byobulimu, amakolero, okugaziya n'okunnyikiza obuweereza, okutumbula tekinologiya n'okugaziya obutale.

### 5.3.1 Ebisuubirwa Okuvujjirirwa Ensimbi Ezinaava mu Makubo Agagerekeddwa

Gavumenti esuubirwa okuvujjirira ebitundu 52.8% ku mbalirira eno ng'eyita mu nsimbi eziyingizibwa okuva munda mu ggwanga, ng'ensimbi ezisuubirwa okuyingira ziri mu butabalika nga 40 (Shs. 40 trillion).

### 5.3.2 Ebisoosowaziddwa mu Nsaasaanya y'Eggwanga

Okusobola okutuukiriza ebigendererwa bino, embalirira esoosowaza zi pulojekiti ezisinga omuzinzi nga zeesigamiziddwa ku mpagi ttaano era ze zino:

a) **Okwongera omutindo ku by'obulimi n'okutumbula amakolero:** Okusiga ennyo ensimbi mu kwongera ku mutindo gw'ebirime ng'emmwanyi nga kw'otadde n'amakolero ku by'obugagga ebisimibwa mu ttaka kisitule omutindo gw'ebyenfuna bya Uganda mu nsi yonna.

b) **Okutumbula obuweereza eri abantu n'okuzimba omutindo gw'obuweereza**: Ensimbi eziwerako zigerekeddwa okwongeza ku misaala gy'abasomesa aba Pulayimale, aba siniya aba "Arts", aba Tekiniko ssaako n'abaweereza mu bitongole by'eby'okwerinda, kibasobozese okukola n'okwagala okusobola okuggusa omulamwa gwa "Situla omutindo".

c) **Amasannyalaze n'okwerinda:** Okutumbula eby'okwerinda kw'eggwanga n'okutereeza ensaasaanya y'amasanyalaze kisobozese obusizi bw'ensimbi obutaliimu kutya kwonna.

d) **Pulojekiti ez'enjawulo: Empaka z'Omupiira mu mawanga g'Afirika 2027 (AFCON 2027):** Obuwumbi nga lwenda mu butaano (905 billion) ziteekeddwa mu kuzimba ebisaawe n'ebintu ebirala ng'enguudo okwetegekera okukyaza empaka za AFCON.




e) **EACOP:** Okumaliriza enteekateeka z'okusima n'okuzimba omudumu gw'amafuta (East African Crude Oil Pipeline) okusobozesa Uganda okufuuka erimu ku mawanga agasima n'okutunda amafuta.





## 5.4 Enteekateeka y'Emisolo mu Uganda 2026/2027: Enkyukakyuka mu Misolo

Okusobola okutuukiriza ebigendererwa by'embalirira ey'Obutabalika ana **(40 trillion),** gavumenti ereeta enkyukakyuka mu misolo egy'enjawulo. Zino zitunuulidde okwongera ku nsimbi ezisoloozebwa mu misolo naddala ku bintu ng'emikutu gy'ebyenfuna egy'esigamizibwa ku tekinologiya, okukyusaamu ku misolo egiriwo olw'okutangira ensimbi ya Uganda okunaabuuka ate n'okukendeeza ku buzito bw'emisolo mu ngeri eŋŋenderere eri abo ba mufuna mpola.


WHAT YOU NEED TO KNOW ABOUT UGANDA'S FY2026/27 TAX PROPOSALS

OVERVIEW

Tax Expenditures Concern

Positive Tax Measures

Equity & Economic Concerns

FY2026/27 Revenue Measures to be concerned about

Indirect Taxes

Property & Asset Taxes

Opportunities

Environmental & Trade Measures

Construction Sector Taxes

Key Recommendations


Fuel prices are rising: Govt says increase is not justified

dmXtra Kadaga on a life of service and what lies ahead

DAILY MONITOR

Tax proposals to hit hard

SGR ball now in Museveni court

CONGRATULATIONS

### 5.4.1 Emisolo Emiggya n'Ennyongereza ku Mikadde

Gavumenti ekoze enteekateeka zino ezigendereddwamu okuteeka emisolo ku bintu kwe gitabadde oba ebyo ebyali byagerekerwa emisolo emitono;

## a) Ebyenfuna ebyekuusa ku tekinologiya n'obuyiiya:

- **Obusuulu ku busaaganda bwa yintaneeti n'okukuba amasimu:** Omusolo gwa 10% guteereddwa ku ba kayungiriza ku nsimbi ezibasasulwa ez'okutunda obusaaganda.
- **Abayimbi ne bannakatemba:** Omusolo gwa 6% ku nsimbi ezisasulwa abayimbi ne bannakatemba nga zaakubasaalibwako abategesi b'ebivulu.

## b) Okukyusa Obwannannyini ku by'Obugagga:

- **Okwongeza Omusolo ku by'obugagga by'abantu eby'ensibo n'ebitalo (Capital GainsTax):** Okuteekawo omusolo gwa bitundu 5% ku kutunda eby'obugagga ebitali bya busuubuzi gamba nga; emigabo mu makampuni, eby'okwewunda, ebifo ebipangisibwa n'ettaka ly'obwannanyini ery'omuwendo ogusukka mu bukadde ekikumi (Ugx.100 Million).
- **Okuwandiisa ebidduka:** Omusolo omuggya ku kuwandiisa emmotoka enkozi z'ensimbi omulundi ogusookera ddala gwa mitwalo abiri (Ugx. 200,000), emitwalo kkumi (Ugx. 100,000) ku motoka endala zonna n'emitwalo etaano (Ugx. 50,000) ku pikipiki.

## c) Okuddukanya eby'Ensimbi n'Amakampuni:

- **Omusolo ku kuggya ensimbi mu banka: Omusolo gwa butundutundu 0.25%** ku kuggya ensimbi mu banka (munda mu banka, ku zi ATM ne mu basigire (agents) ba banka okusobola okutuukana obulungi n'emisolo ku zi "mobile money" gyonna.
- **Omusolo ogw'essalira ku makampuni agatakola magoba (Alternative Minimum Tax):** Omusolo gwa bitundu 0.5% ku muwendo gw'ebitundiddwa ogw'awamu mu kampuni ezirina bizinensi ezitakola magoba okumala emyaka omusanvu egy'omuddiringanwa.




- Ebitongole by'ebyensimbi eby'ebweru: **Omusolo gwa** butundutundu 0.5% ku magoba agasasulwa ebitongole n'amakampuni ebya wano mu Uganda eri ebitongole by'ebyensimbi eby'ebweru wa Uganda.
- **Omusolo ku kusiba emipiira n'okuzannya emizannyo gya zzaala:** Omusolo omuggya gwa bitundu 5% gwe gugenda okuwoozebwanga ku buli nsimbi esasulwa mu kkowe lino.

## d) Emisolo Emiggya ku Makolero

- **Langi ku bizimbe ne ku bibajje:** Omusolo gwa bitundu 3% ku bikoleddwa wano n'omulala gwa bitundu 10% (2,000) ku langi ku bizimbe, ebibajje ne langi ezaaka.
- **Tayilo za kelaamika:** Omusolo omuggya gwa siringi lukumi (Ugx.1000) buli m2 ku zi tayiro za kelaamika n'ezo ez'omutindo.
- **Omuzigo:** Okwongeza omusolo ku muzigo ogweyambisibwa mu by'okufumba nga "margarine" gwa nkumi nnya (Ugx. 4,000) buli liita.

### 5.4.2 Ebintu Ebyongezeddwako Omusolo

Emisolo mingi egibaddewo girinyisiddwa okusobola okwetangira okunaabuuka kw'ensimbi n'okutuuka ku biruubirirwa by'eggwanga ebisoosowaziddwa, era mu gino mulimu:

#### a) Emisolo ku Bintu Ebikozesebwa mu Bulamu obwa Bulijjo ne mu by'Okuzimba:

- **Sukaali:** Omusolo gwalinnye okuva ku nnusu bibiri (Ugx.200) okutuuka ku nnusu bisatu (Ugx.300) ku buli kiro egulibwa.
- **Seminti azimbisibwa n'asiba tayiro:** Omusolo gwalinnye okuva ku nusu bitaano (Ugx.500) okutuuka ku nnusu lukumi (Ugx.750) ku buli nsawo eya kiro ataano (50kg).




- **Butto:** Omusolo ku butto afumba gwalinnye okuva ku nnusu bibiri (Ugx. 200) okutuuka ku nnusu bina (Ugx.400) buli liita.




#### b) Amafuta n'ebyentambula:

- **Amafuta:** Omusolo ku mafuta ga petulooli ne dizero, gwalinnyisiddwa ne nnusu bibiri (Ugx.200) buli liita.
- **Omusolo ku kuwandiisa emmotoka:** Omusolo gw'okuwandiisa emmotoka empya oba enkadde omulundi ogusooka mu Uganda gwakulinnyisibwa okuva ku mitwalo abiri (Ugx. 200,000) okutuuka ku mitwalo ataano (Ugx. 500,000). N'omusolo kuwandiisa pikipiki nagwo gwalinnye.




#### c) Ebyobusuubuzi:

- **Engoye enkadde:** Engassi ku ngoye enkadde yayongezeddwa okuva ku bitundu 15% okutuuka ku bitundu 30% okuwagira amakolero g'engoye aga wano mu Uganda.





- **Emyenge egy'enjawulo:** Omusolo ogwenjawulo gwayongezeddwa ku myenge emikambwe okuva ku nnusu lukumu mu lusanvu (Ugx. 1,750) okutuuka ku nkumi ssatu mu bitaano (Ugx. 3,500) buli liita.

### 5.4.3. Ebintu Ebikendeezeddwako Ku Misolo

Okusobola okuyamba bizinensi entonotono ne ba mufuna mpola, emisolo gino wammanga gikendeezeddwako:

a) **Omusolo ku Nyingiza ey'Emisaala (PAYE):** Omusolo ku misaala kati gwa kutandikira kw'abo abafuna Ugx. 335,000 buli mwezi n'okudda waggulu sso ssi Ugx. 235,000 nga bwe gubadde kino kikendeeze ku buzito bw'omusolo ku ba mufunampola.

b) **Okwewandiisa Okusasula Omusolo gwa VAT: Ennyingiza ya kampuni ezirina okusasula omusolo guno yalinyisiddwa okuva** ku bukadde kikumi mu ataano (Ugx.150 Million) okutuuka ku bukadde bisatu (Ugx.300 Million) n'ekigendererwa eky'obutanyigiriza nnyo makampuni n'amakolero amatono mu kubasasuza omusolo guno.

c) **Okwongezaayo Ebbanga ery'okusasula Omusolo gwa "Corporate Income Tax" eri Abaazimba Ebbibiro ly'amasannyalaze e Bujagali:** Ebbanga ery'okusasulirako omusolo gwo lyayongezeddwayo okutuuka mu 2032 okusobola okutangira okupaaluuka kw'ebbeeyi y'amasanyalaze.

d) **Okuzzaamu Amaanyi Abakozesa Enkola ya URA eya EFRIS:** Omuwendo ogwetagibwa omuntu okuddizibwa ensimbi z'omusolo nga yeeyambisizza enkola y'omutimbagano eya EFRIS gwakendeezeddwa okuva ku bukadde butaano (Ugx. 5,000,000) ne guzzibwa ku bukadde bubiri (Ugx. 2,000,000) okusobola okusikiriza abasuubuzi okugyettanira.

e) **Okuwagira Enteekateeka z'okukuuma n'Okutaasa Obutonde Bw'ensi:** Omusolo gw'ekiti kino ku motoka ezitasukka myaka 9 okuva lwe zaakolebwa gwagyiddwawo okusobola okusikiriza abantu okwettanira emmotoka ezitali nkadde nnyo ezinywa amafuta amasaamusaamu era ezitakosa nnyo butonde bwa nsi.

# 6.0 Embalirira y'Obwakabaka ey'Omwaka gw'Ebyensimbi 2026/2027




Embalirira eno ye y'okuna (4) wansi w'Enteekateeka y'Obwakabaka Nnamutaayika ey'emyaka etaano (**2023/2028),** egenderera okukyusa obulamu bw'abantu mu byenfuna n'embeera zaabwe eza bulijjo nga tuyita mu pulogulaamu ez'enjawulo.

Omwaka gw'ebyensimbi **2026/2027** gututuusizza mu makkati g'ebbanga ery'emyaka etaano egya Namutaayiika. Omulamwa **gwa "Situla Omutindo"** gugendereddwamu okuseeseetula obuweereza mu Bwakabaka ne mu bantu ba Ssaabasajja okuva ku kukola obukozi emirimu ne gigguka, essira tuliteeke nnyo ne ku mutindo gw'emirimu gye tukola.

## 6.1 Omulamwa gw'Embalirira y'Obwakabaka 2026/2027

Omulamwa gw'Embalirira y'Obwakabaka ey'Omwaka gw'Ebyensimbi guno guli **"Situla Omutindo: Okulinnyisa Omutindo n'Obukugu mu Mirimu mu Kaweefube w'Okuzza Buganda ku Ntikko".**

Omulamwa guno gutukoowoola okweyubula mu ndowooza n'enkola y'emirimu nga tudibya engeri ezo ze tumanyidde twongere obukugu n'omutindo mu byonna bye tukola. Kaweefube ono gwe tuwomyemu omutwe agenda kutuwaliriza okweggyamu enkola eya gadibye ngalye oba eya kanaggweramu eyo, olwo tukole ebintu ebiri ku mutindo gw'ensi yonna, abantu ba Ssaabasajja basobole okufuna omuganyulo mu mirimu gye bakola nga bayingiza ensimbi ezeegasa.

Omulamwa guno guggyayo bulungi obuvunaanyizibwa bw'abakulembeze okufuba okulaba ng'emirimu gikolebwa mu bukugu n'omutindo ogusaanidde. Tutunuulidde omulamwa guno ng'olutindo oluyunga ebirooto by'abakulembeze ku baweereza ab'ekikugu okubasobozesa okukola emirimu mu bw'esimbu, obukugu n'omutindo ogwa waggulu okusobola okugifunamu omuganyulo.

Mu kkowe ery'okuteekateekera n'okuwanika ensimbi mu Bwakabaka, **"Omutindo"** nkola nnungi nnyo mu kutusobozesa okupima enteekateeka z'Obwakabaka nga tetutunuulidde bungi bwazo bwokka wabula essira tuliteeke ku mutindo gwazo okusobozesa abantu okuziganyulwamu mu kaweefube gwe tuliko ow'okuzza Buganda ku Ntikko.

## 6.2 Ebisimbidwako Essira mu Mbalirira y'Obwakabaka ey'Omwaka gw'Ebyensimbi 2026/2027 mu Kaweefube wa "Situla Omutindo"

Embalirira y'Obwakabaka ey'omwaka guno yeesigamiziddwa ku kuteekateeka n'okussa mu nkola pulogulaamu ezirimu pulojekiti ez'enjawulo. Essira liteekeddwa ku kutumbula omutindo gw'obuweereza mu kussa mu nkola enteekateeka ez'enjawulo eziruubirira okusitula abantu ba Buganda mu byenfuna n'embeera zaabwe. Enteekateeka omukaaga ezisoosoowazidwa mu pulogulaamu ya Situla Omutindo ze zino:

### 6.2.1 Okutumbula eby' Obulimi, Obuvubi n'Obulunzi

**Omweso ogulaga enkola eya 3Rs omuli:** Okwongera embavu, okuddaabiriza n'okuzza obuggya emisiri gy'emmwanyi

| Ekikolebwa | Ekigendererwa | Obukodyo Obukozesebwa | Ebbanga Eriyitawo okusobola okuganyulwamu |
|---|---|---|---|
| **Okwongera Embavu** (Rejuvenation) | Entandikwa y'okukuuma omutindo gw'omusiri | Okusalira n'okuggyako ebirokwa | Emyaka 1–2 |
| **Okuddaabiriza** (Rehabilitation ) | Okuddaabiriza ebikolo by'emmwanyi | Okusalira, okuggyako ebirokwa n'okuweta | Emyaka 1–2 |
| **Okuzza obuggya** (Renovation) | Okukyusa ekikolo ky'emmwanyi ekikaddiye oba ekitabala bulungi | Okusigula ebikolo n'okusimba emmwanyi empya | Emyaka 2–4 |

Enteekateeka eno essira eritadde ku kwongera obungi n'omutindo gw'ebirime naddala emmwanyi okusobola okufuna akatale n'okuvuganya obulungi ku mutendera gw'ensi yonna. Okusitula Omutindo kujja kuba ne mu b'obuvubi n'obulunzi. Bino bye bisuubirwa okukolebwa;







**i. Okutandikawo Ssemaduuka Endala (Agro-Input Supermarkets):** Obwakabaka bujja kutandikawo ssemaduuka endala ttaano ez'ebikozesebwa mu by'obulimi n'obulunzi mu masaza attaano okusobola okukakasa nti abalimi bafuna ebikozesebwa eby'omutindo era ebyesigika ku ssente ezisoboka. Kino kigendereddwamu okuyambako abalimi n'abalunzi okwewala okugula ebikozesebwa ebigingirire ebiri mu katale ebibaleetera okufiirizibwa.

Ssemaduuka wa ku mutimbagaano gw'Obwakabaka, Kibuga Online. Com era agenda kusobozesa abantu ba Bbeene okugula ebikozesebwa mu bulimi, obulunzi wamu n'obuvubi

**ii. Okusomesa n'Okuwa Abalimi Amagezi ag'Ekikugu ku Nnima ey'Omutindo. (Best Agricultural Knowledge Transfer):** Buno bwe buweereza obutuusibwa ku balimi okuyitamu makubo nga;

- **Abalimisa mu bitundu eby'enjawulo (agricultural extensions services)**
- **Ennimiro eziyigirwako (demonstration farms)**
- **Ennimiro ezisomerwako abayizi (school gardens)**
- **Ennimiro ezigezeserezebwako (Practical application trial gardens)**







Tujja kwongera okubangula n'okuweereza abalimi abakugu abalala 36 okwongerako ku 18 abali mu masaza ag'enjawulo. Kino kya kutusobozesa okukakasa nti abalimi mu masaza bafuna amagezi n'obukugu okuva mu balimisa olw'okusitula omutindo mu by'obulimi. Abalimisa bano bajja kuweebwa pikelike okusobola okugenda mu byalo okuwa obwabuzi obw'ekikugu ku nkola entuufu mu by'obulimi

iii. **Okutumbula Enkola ey'Okufukirira (Water for Production):** Obwakabaka bujja okwongera amanyi mu kaweefube w'okuwagira abalimi n'abalunzi okufuna amazzi ag'okukozesa mu by'obulimi n'obulunzi okusobozesa abalimi n'abalunzi obutakosebwa nnyo nkyukakyuka mu mbeera y'obudde ate n'okusobola okuba n'amakungula ageegasa ebbanga lyonna awatali kulinda sizoni ya nkuba.

iv. **Okuteekateeka n'Okussa mu Nkola Pulogulaamu y'Okulabirira Emisiri gy'Emwanyi**: Tugenda kuleeta enkola ya "3Rs" mu kulima emwanyi eggyayo ebintu ebikulu ebisatu omuli: Okwongera embavu (Rejuvenation), Okuddaabiriza (Rehabilitation), n'Okuzza obuggya (Renovation). Enkola nkulu nnyo ezikwatagana n'okutumbula omutindo gw'emisiri gy'emmwanyi.

Enkola eno eyamba okuzza obugya ennimiro z'emmwanyi ezaakaddiwa, okwongera ku bungi bw'amakungula n'okugumira enkyukakyuka y'obudde.

Enkola zino nkulu nnyo kubanga ebitundu nga 50% ku ttaka okulimwa emmwanyi mu Bwakabaka likaddiye era lyetaagamu enkola eno okusobozesa abalimi okufuna mu ntuuyo zaabwe.






v. **Okutandiika essomo ly'obulimi n'obulunzi mu Ssetendekero lya Muteesa 1 Royal University mu by'obulimi n'okulunda (Bachelor's of Agriculture) mu mwezi gwa mutunda 2026 e Kivumba, Masaka.**

Abakugu abanasitula omutindo mu by'obulimi n'obulunzi ku maddala ga Satifikeeti, dipuloma ne diguli ba kutendekebwa

### 6.2.2 Okusiga Ensimbi, Obusuubuzi n'Enzirukanya y'Ebyobusuubuzi n'Obulambuzi:

Okutumbula embeera y'obusuubuzi ey'ekikugu, ekulembeza obuweereza obw'omutindo, n'obwesimbu, n'enkulaakulana ey'omulembe. Enteekateeka zino zijja kusoosowazibwa:

i. **DiGii Sente** - **Nvubo pulojekiti** ejja kuteekebwa mu nkola kampuni ya K2 Telecom, nga y'evunaanyizibwa mu kuyamba abantu okuyingira mu nkola z'ensimbi ezeesigamiziddwa ku tekinologiya mu Bwakabaka bwa Buganda.

Ejja kutondawo enkola ya Social Financial Eco-System (SoFi) ey'omulembe, esobozesa abantu okukola emirimu egirimu okutambuza ensimbi mu ngeri eya tekinologiya ali ku mutindo ogw'amaanyi - nga bwe tulaba enkola endala nga "mobile money" ne "airtel money" bwe zikola.

Enkola eno ejja kuwagira enteekateeka z'Obwakabaka ezirimu emirimu gy'okusasula oba okuwaanyisiganya ensimbi mu bantu aba bulijjo nga basinziira mu bitundu gye bawangaalira. Enteekateeka eno ejja kubasobozesa okusindika ssente wakati w'abantu (P2P), okusasula mu ngeri ya digito ebintu ng'ebisale by'amasomero n'okulondoola obuweereza bwonna mu masomero (school management system), amasannyalaze, amazzi, emisolo n'ebirala, n'okweyunira obutale obuddukanyizibwa ku mutimbagano (online market places), byonna nga bifunirwa ku DiGii Sente.

Ku mutendera gw'essaza, Nvubo pulojekiti ejja kweyambisibwa okulondoola emirimu egikolebwa mu Gombolola zonna. Buli ssaza lijja kuweerezanga ebitundu 10% ku nsimbi ezikungaanyizibwa okuyitira mu nkola eno eri Eggwanika.

**14.4m** ***Buli mwaka okuva mu buli ssaza***




**259.2m** ***Okuva mu masaza ekkumi***

***Tusuubira okuyingiza waakiri UGX 14.4 million buli mwaka okuva mu buli ssaza nga tweyambisa enkola eno. Kino kijja kusobozesa Obwakabaka okukuŋŋaanya UGX 259.2 million buli mwaka okuva mu masaza ekkumi n'omunaana.***

Ku mutendera gw'e Gombolola, wajja kubeerawo amaduuka ga Super-Agent agajja okukola ku kuyingiza abasuubuzi mu nkola eno n'okulabirira abakozi abasukka mu 200. Ku mutendera gwa Mutongole, wajja kubeerawo ba agent abajja okukola emirimu gy'okutuuka ku bantu, okukola ku ssente (cash-in/cash-out), n'okukuŋŋaanya Oluwalo mu ngeri ey'omulembe.

Pulojekiti eno ejja kusobozesa abantu abali nga ku bitundu 50% aba bulijjo okweyambisa tekinologiya ow'emitimbagano okukungaanya ensimbi ze batereka. Kino kijja kudibya enkola enkadde ze babadde bamanyidde mu kukuuma n'okusasula ensimbi ez'obuweereza obwenjawulo ng'ebisale by'amasomero, amasanyalaze, emisolo, amazzi, entambula n'ebirala.

Ku nkomerero, Nvubo pulojekiti, ejja kubeera enkola ey'okukuuma omutindo, ng'eggyawo enkozesa y'ensimbi etali ya mutindo, n'ereeta enkola ey'omulembe era esobola okuwangaala n'okutumbula eby'enkulaakulana mu Bwakabaka.




**(ii) Okuzimba Ennyumba z'Abaweereza mu bwa Kabaka eza Kibanjampola. Mu mwaka gw'ebyensimbi 2026/2027, Obwakabaka bugenda kutandika enteekateeka y'okuzimba ennyumba ez'ekibanjampola (Rent-to-Own) okusobozesa abakozi b'Obwakabaka okufuna amayumba agaabwe ag'obwannanyini.**

Enkola eno ejja kusobozesa abakozi okusasula ssente buli mwezi mu nkola eya kibanjampola okubasobozesa okusasulira ennyumba mu myaka egiri wakati w'omusanvu n'ekkumi (7–10). Kino kijja kutumbula omutindo gw'embeera zaabwe mu by'ensula n'obulamu.

**(iii) Okutumbula Amakolero g'Ebyobulimi**

Obwakabaka buteeseteese okukolagana n'ebitongole ebirina obumanyirivu okutandikawo ekkolero ery'omulembe mu Bulemeezi, erikola amazzi n'omubisi ogw'ebibala ng'ennanaasi n'emiyembe.

Kino kijja kugonjoola ekizibu ky'abalimi okufiirwa ennyo ebirime byabwe olw'okubulwa ababigula ate n'okudondolwa abasuubuzi ababibagulako. Ebitundu 50% ku birime ebibadde bivundira ku misiri oba mu butale bijja kusobola okukozesebwa mu kkolero lino.

**(iv) Okutandikawo Ekifo ky'Emyoleso gy'Amakolero g'Ebyobulimi (Buganda Agricultural Industrial and Exhibition Park)**

Obwakabaka buteeseteese okuteekawo ekifo ky'emyoleso gy'amakolero ag'ebyobulimi n'obulunzi we booleseza ebintu ebyenjawulo ebisobola okukolebwa mu birime ebyenjawulo.

Mu mwaka gw'ebyensimbi guno, essira ligenda kuteekebwa ku bintu bisatu okuli; okukola enteekateeka y'ekifo, okunoonya bannamukago n'okukkaanya ku ngeri ekifo bwe kinaddukanyizibwamu kitusobozese okutandika okuzimba ekifo ekyo mu mwaka gw'ebyensimbi 2027/2028.









### (v) Okusikiriza Abalimi n'Abalunzi Okwettanira Yinsuwa y'Ebyobulimi n'Obulunzi.

Abalimi n'abalunzi bangi bafiiriziddwa ensimbi nkumu olw'ekyeya n'endwadde ebirumba ebirime byabwe ne bisaanawo. Tuteeseteese okufunira abalimi yinsuwa ey'ebbeeyi ensaasmusaamu n'okubabangula ku bulungi obuli mu kwettanira yinsuwa eyo.

### (vi) Okutandikawo "Buganda Data Vault" (BDV).

BDV egenda kukola ng'ekkuŋŋaanyizo ly'ebibalo, ebiwandiiko n'ensonga ez'enkizo ezikwata ku Bwakabaka. Ekigendererwa ky'enteekateeka eno kirimu ensonga enkulu nnya: okukuuma ebyo ebikwata ku nnono yaffe ng'Abaganda mu buwandiike; okufuna ensimbi okuva mu bibalo n'ebiwandiiko bino nga tubiguza abo ababa babyetaaze; okubyesigamako mu kusalawo ku nteekateeka z'Obwakabaka ez'enjawulo; n'okwekebejja ezo eziba ziteereddwa mu nkola okumanya we zituuse nga tusinziira ku bibalo n'ebiwandiiko ebimanyiddwa obulungi.







**(v) Okulabiriran'Okutumbula Ebyobulambuzi** Ebifo Ebyobulambuzi mu Buganda bigenda okusitulwa mu mutindo gw'empeereza okutuuka ku mutendera gw'ensi yonna, okutumbulwa n'okubimanyisa abantu mu Buganda, Uganda n'Ensi yonna Obwakabaka busobole okubifunamu ensimbi ezegasa.

Mu mwaka gw'ebyensimbi ogujja, BHTB egenda kufulumya mu kyapa omukululo gw'ebifo by'Obwakabaka eby'obulambuzi n'e ku mutimbagaano eby'enkizo era n'okubibunyisa mu nsi yonna.

**(vi) Okutumbula Emikago ne Kampuni eziri ku Mitendera Egisookerwako** (Private Partnerships with Micro, Small and Medium Enterprises (SME'S) ku mutendera gw'Essaza n'Eggombolola.






## 6.2.3 Ebyobulamu

Okutumbula omutindo gw'obuweereza mu by'obulamu eri abantu ba Ssaabasajja Kabaka kye kimu ku bintu ebisoosowaziddwa mu mbalirira eno. Kino kijja kusobozesa abantu okubeera abalamu obulungi basobole okukola emirimu egikulaakulanya eggwanga lyabwe. Mu kkowe lino, bino bye tugenda okussaako essira ng'Obwakabaka:

(i) **Okuggulawo Amalwaliro g'Obwakabaka ery'e Nyenga mu Kyaggwe n'e Mukungwe mu Buddu.** Tuteeseteese okumaliriza amalwaliro ago gasobole okutuusa obuweereza ku bantu ba Kabaka abawangaalira mu bitundu ebyo. Essira tujja kusinga kuliteeka ku buweereza mu by'obujjanjabi obw'ekikugu okuli okujjanjaba amaaso n'amannyo ku mitendera gyonna kubanga bwe businga okwetaagibwa mu bitundu ebyo.

(ii) **Okutwala mu Maaso Kaweefube w'Okulwanyisa Mukenenya (HIV/AIDS) naddala mu masaza silimu mwa kyegilisiza.** Obwakabaka buteeseteese okuvaayo n'enkola empya ey'okulwanyisa mukenenya ng'essira lissibwa ku masaza gya kyasinga naddala mu masaza ataano agasingamu mukenenya mu Buganda okuli Busiro, Ssese, Buddu, Buluuli, ne Kyadondo.




(iii) **Okuteekateeka Ensiisira z'Ebyobulamu:** Okutwala mu maaso enteekateeka z'ensiisira z'ebyobulamu okutuusa obuweereza mu by'obulamu mu bitundu gye bawangaalira. Ensiisira ezigendereddwamu okulwanyisa mukenenya nazo zijja kutegekebwanga mu bitundu gy'asinga okwegiriisiza wamu n'enteekateeka endala ez'okukubiriza abantu okumwetangira.

Nga tukolagana ne Association of Surgeons of Uganda (ASOU) tugenda kuteekateeka ensiisira z'okulongoosa abantu 3,600 abalina endwadde mu masaza ga Buganda gonna.

Tugenda kutandiikira mu masaza 9, mu bifo 36, nga tujjanjaba abantu 100 mu buli kifo, 5 okuva mu buli kifo bajja kutwalibwanga okwomgera okwekebejjebwa.

Abaana bamasomero 15,000 okuva mu masomero 15 bagenda kugemwa endwadde z'omitwe n'amagumba.

(vi) **Okutuusa Obuweereza mu by'Obujjanjabi ku Bantu Ababeera mu Bizinga.** Obwakabaka nga buli wamu n'obukulembeze bwa Rotary mu Uganda mu Rotary District 9213 eya Kampala Ssese Island buteeseteese okutongoza eddwaliro



# 3,600

Nga tukolagana ne Association of Surgeons of Uganda (ASOU) tugenda kuteekateeka ensiisira z'okulongoosa abantu 3,600 abalina endwadde mu masaza ga Buganda gonna



# 100

Tugenda kutandiikira mu masaza 9, mu bifo 36, nga tujjanjaba abantu 100 mu buli kifo, 5 okuva mu buli kifo bajja kutwalibwanga okwongera okwekebejjebwa..



# 15,000

Abaana bamasomero 15,000 okuva mu masomero 15 bagenda kugemwa endwadde z'omitwe n'amagumba.



ly'elyato eritambuzibwa (Mobile Boat Hospital) okusobola okutuusa enteekateeka z'ebyobujjanjabi ku bantu abawangaalira mu bizinga abakaluubirirwa okuvaayo okutuuka mu malwaliro okufuna obuweereza. Amasaza ag'enjawulo okuli Ssese, Buvuma ne Kyaggwe gajja kuganyulwa mu nteekateeka eno.

**(v) Okubunyisa Yinsuwa y'Obujjanjabi n'Eyokuziika ey'Ebbeeyi Ensaamusaamu.** Obwakabaka bwatongoza yinsuwa y'obujjanjabi era tuteeseteese okugibunyisa wonna mu Buganda mu kkowe ery'okusitula omutindo gw'ebyobujjanjabi n'okutaasa abantu abafiira mu masoso g'ebyalo olw'obutafuna bujjanjabi okuva mu bakugu.

Mu buwufu bwebumu, Ababaka b'Olukiiko lwa Buganda Olukulu, Abaami ba Masaza, Abazaana n'Abasige bagenda kuyungibwa ku yinsuwa y'Obulamu (Tubeere Balamu).




## 6.2.4 Ebyenjigiriza

Okusobola okutumbula omutindo gw'ebyenjigiriza n'okukakasa nti emiti emito n'abavubuka bateekeddwateekeddwa bulungi okusobola okukola emirimu mu ngeri ey'omutindo n'obukugu obusaanidde, bino wammanga bye bissiddwako essira mu mbalirira ya 2026/2027:










**(i) Okutandikawo Ebifo Ebipya 10 Awakuumirwa n'Okutendekera Abaana Abato aby'emyaka (3-6)** (ECD Centres) mu Gombolola ez'enjawulo olw'okutumbula eby'enjigiriza eby'abaana abato ebikyali emabega ennyo mu Uganda.

**(ii) Okuwagira Omulimu gw'Okuzimba Ebibiina 5, Okuteeka Amazzi Amayonjo n'Ebyobuyonjo** ku ssomero lya St. Denis Ssebugwawo Primary School e Nakaseke nga tukolagana ne Essaza lya Kasaana Luweero ne Rotary Club of Kampala Early Bird.

Essomero lino lyayitibwanga Lukumbi Chance School, lyakubibwa mu lutaalo lwa 1981-1986 nga lyetaga okuwagirwa, mu kiseera kino lirirna abayizi 101 (abalenzi 56, abawala 25).

**(iii) Okuzimba Ekizimbe eky'Omulembe Galikwoleka ku Muteesa I Royal University.** Kino kijja kwongera ku mutindo gw'empeereza mu Ssettendekero eno kisobozese abakugu abali ku mutendera gw'ensi yonna okugyettanira ate n'abayizi okuyaayaanira okusomerayo olw'empeereza ey'omutindo.





**(iv) Okubaga ku Nteekateeka z'Amasomero asaatu aga Ssekendule ag'Omulembe (Competent Based Curriculum)** . Tugenda kutandika okukola enteekateeka namulanda ey'okuzimba amasomero agali ku mutindo ogwa waggulu mu ssaza 3; Buddu, Kyaggwe ne Ssingo. Emitendera egisookerwako gyonna gigenda kukolebwako mu mwaka gw'ebyensimbi guno ate mu mwaka gw'ebyensimbi 2027/2028 okugazimba kutandike n'oluvanyuma gaggulwewo mu 2029.

**(v) Okusitula Omutindo gw'Ettendekero lya Kasawo Institute of Business and Technical Education (KIBTE).** Ettendekero lino ligenda kutereezebwa nga tusitula omutindo gw'ebifo abayizi we basula ne we basomero wamu n'abasomesa we bakolera emirimu n'okusula.



***Kino kijja kusobozesa bulungi ettendekero lino okubangula abavubuka mu mirimu gy'ebyemikono n'egy'ebyobusuubuzi mu ngeri ey'omutindo n'obukugu obusaanidde.***





### 6.2.5 Embeera y'Amaka: Okukyusa Embeera z'Abantu mu Maka

Ekigendererwa ekikulu mu nteekateeka eno kwe kusobola okuteekawo enkyukakyuka mu mbeera z'abantu mu maka mu kaweefube ow'okusitula omutindo mu by'ensula, ebyendya n'ebyobulamu. Kino kijja kusoboka nga buli maka gateekeddwateekeddwa bulungi okusobola okubaako ensimbi ze gayingiza basobole okwetuusaako ebyetaago ebinaakuumira obulamu bwabwe ku mutindo. Essira ligenda kuteekebwa ku bino wammanga ku mutendera gw'amaka:

**(i) Amaka Ageeyagaza:** Nga tuyita mu nteekateeka y'Obwakabaka ey'Amaka Amalungi, Akaalo Amatendo, tugenderera okulaba ng'amaka okwetooloola Buganda gasobola okweyimirizaawo mu by'emmere, n'okunyweza enkolagana ennungi ne baliraanwa baabwe.

Tujja kwongera ku mutindo gw'amaka nga tukubiriza abantu okuyigira ku balala nga tuyita mu nteekateeka y'Amaka Amalungi Akaalo Amatendo. Kino kijja kutusobozesa okukyusa endowooza n'endaba y'ebintu mu bantu ku mutendera gw'amaka okugeza ng'okusikiriza abaami okuwagira abakyala mu kuteekerateekera amaka mu ngeri esaanidde era ey'omulembe.

**(ii) Okuwagira Abantu Okwenyigira mu Nteekateeka z'Ebyensimbi:** Tulina enteekateeka eŋŋenderere ey'okugatta abantu abali mu maka mu SACCO z'Obwakabaka. Enteekateeka eno ejja kutusobozesa okuseeseetula amaka agawerako okuva ku mutendera gw'okunoonya ensimbi ez'okweyimirizaawo batandike okuyingiza ensimbi ezisobola okuvaako ez'kutereka. Tujja kubasomesa n'okubawa obukugu obwetaagisa okusobola okubatuusa ku mutendera guno.

**(iii) Okutumbula Embeera z'Abavubuka:** Tugenda kutendeka abavubuka bafune obukugu n'omutindo mu buweereza obwetaagibwa naddala mu mirimu egisoosowaziddwa okuli egy'amakolero, ebyobulimi, obulambuzi ne tekinologiya basobola okuvuganya obulungi mu katale k'emirimu.



51%

**(iv) Abakyala n'Abavubuka Okwenyigira mu by'Obulimi:** Tugenda kwongera amaanyi mu kaweefube w'okukunga abakyala n'abavubuka okwegatta ku kaweefube wa Mwanyi Terimba. Kijja kusobozesa abakyala (51%) n'abavubuka (24%) abakola ekitundu ekisinga obunene ku bungi bw'abantu mu Uganda okuganyulwa mu kaweefube w'okulima emmwanyi asimbiddwako ennyo essira ensangi zino.

**(v) Olusuku lw'Awaka:** Nazikuno nga buli maka gabeera n'olusuku olw'emmere nga mulimu n'emiti ginaasangwa. Tugenda kuteekateka esiira ku kuwagira abantu mu Buganda okuzaawo Obutonde bwensi nga tuyita mu olusuku olw'omutindo.

**(vi) Okubunyisa Amazzi Amayonjo:** tugenda kwongera okusiima n'okuddaabiriza enzizi mu bitundu bya Buganda awamu n'okukubiriza abantu okulembeka amazzi g'enkuba okutaasa obuligo n'okuwagira enteekateeka z'okufukirira ebirime mu maka.

(vii) **Okusitula Omutindo gw'Obutondebwensi, Akacuupa Nazo Ssente:** nga tukolagana ne Crown Beverages tugenda kwongera okuwagira abantu okufuna ensimbi mu kukuŋŋaanya obukyupa n'okufuna sente mu ssimu enkadde nga tukolagana ne Airtel Foundation mu kaweefube w'okutaasa obutondebwensi.

(viii) **Okufunira ebintu Obutale:** tugenda kugatta emyoleso gy'Obulimi n'Obwegassi nogwa CBS PEWOSA abantu basobole okufunamu okw'omuggundu nga tubafunira akatale k'ebintu byebakola mu maka nga bigwa mu kowe lino basobole okwekulakulaanya.






### 6.2.6 Okutumbula Obukugu mu Bannabitone:

**Enteekateeka eno Egendereddwamu Okuteekawo** enkola ey'okuvuganya mu bannabitone ab'enjawulo nga beegeraageranyiza ku mutendera gw'ensi yonna. Bino wammanga bye tuteeseteese okukola:


i. **Ekisaawe ky'e Buddu:** Mu mwaka gw'ebyensimbi guno, tugenda kulaba nga tumaliriza omutendera ogusooka (Phase I) ogw'ekisaawe kye Ssaza lya Buddu **(Buddu Ssaza Multipurpose Stadium).**

Nga tukolagana n'ekitongole kya EACOP, ekifo kino kigenda kukola ng'ekifo ekikulu eky'okutumbula obukugu mu bannabitone ng'abasambi b'omupiira ogw'ebigere, okubaka, ne bannakatemba, mu kusitula omutindo gwabwe.

ii. **Okukola Enteekateeka Namulanda ey'Ebisaawe mu Masaza eg'enjawulo:** Okusobola okubunyisa emikisa, tugenda mu maaso n'okukola pulaani z'okuzimba ebisaawe mu masaza ag'enjawulo agatakka wansi w'ataano. Ebifo bino mu masaza bijja kukola ng'omusingi gw'okuzuula ebitone okuviira ddala wansi ku kyalo, emiruka, eggombolola ne Ssaza.




**iii. Okukuŋŋaanya Ebikwata ku Bavubuka nga Tweyambisa Tekinologiya:** Tugenda kussa mu nkola enkola ennywevu ey'okukuŋŋaanya n'okutaputa ebikwata ku bavubuka abalina ebitone ebyenjawulo. Nga tukozesa ebibalo bino, tujja kusobola okuyunga bannabitone abato ku bibiina, ttiimu n'amatendekero ag'enjawulo abanaabayamba okubitumbula n'okubifunamu ensimbi.




**6.2.7 Okwongera Amaanyi mu Kubanja Gavumenti eya Wakati:** Tugenda kugenda mu maaso n'okubanja Gavumenti ya Uganda esobole okutusasula buli luvanyuma lw'ebbanga eggere olw'okukendeeza ebbanja eryayingizibwako mu biwandiiko bya Gavumenti erisoba mu UGX 200 billion mu kiseera kino. Kino okukituukiriza, Obwakabaka bugenda kunyweza enkola zaabwo ez'okugoberera emitendera gyonna egy'okubanja okusobola okulaba ng'amabanja gano agamaze ebbanga eddene nga gasasulwa mu eggere.

Kino singa kinaakolebwa, tujja kusobola bulungi okuggusa enteekateeka z'Obwakabaka ez'omuggundo ze tulina naddala ez'okusiga ensimbi, mu kaweefube w'okusitula embeera z'abantu mu by'obulamu, ebyenfuna n'enkulaakulana.



## 6.3 Ebyesigamiziddwako Embalirira y'Obwakabaka 2026/2027

Okukakasa nti embalirira eno eteekebwa bulungi mu nkola wamu n'okutuukiriza ebigendererwa by'enteekateeka zonna ezirimu, bino wammanga bye bigenda okwesigamizibwako enteekateeka z'Obwakabaka, engabanya y'ebikozesebwa, n'okulondoola enkola y'emirimu okukakasiza ddala nti giri ku mutindo ogusaanidde:

### a) Okwettanira Tekinologiya mu Kuteekateeka Emirimu n'Okugissa mu Nkola

Tuteeseteese okwettanira okukozesa tekinologiya mu kuteekateeka n'okukola emirimu gy'Obwakabaka gyonna nga tuva ku mbeera ey'okwesigama ku tekinologiya mu ngeri ey'ekigayaavu. Enkola ezeesigamiziddwa ku tekinologiya zijja kutusobozesa okukendeeza emiwaatwa n'olulembwe ebibaddenga byeyolekera mu mirimu egimu gye tukola nga bikosa omutindo gw'obuweereza.

Tekinologiya wa nkizo nnyo "**okusitula omutindo,**" okukakasa nti buli nteekateeka y'Obwakabaka eddukanyizibwa ku mutindo n'obwangu ebiri ku mutendera gw'ensi yonna.

### b) Okwettanira Ebibalo mu Kuteekerateekera Obwakabaka

Obwakabaka bujja kuteeka essira ku kukuŋŋaanya n'okwekenneenya ebibalo eby'omutindo ogw'awaggulu okusobola okuluŋŋamya buli kusalawo okw'ebyensimbi. Enteekateeka z'Obwakabaka tezijja kwesigamizibwanga ku bye tulowooza oba bye tuwulira wabula zijja kusinziiranga kwebyo bye tuzudde nga biwagirwa ebibalo ebinaakuŋŋaanyizibwanga.

Ensimbi z'Obwakabaka za kussibwa mu nteekateeka ezo abantu ba Ssaabasajja Kabaka ze banaaganyulwamu okusinziira ku bwetaavu bwe balina. Ebibalo bino bye bimu bye tujja okusinziirangako okulondoola emiganyulo eri abantu mu nteekateeka ez'enjawulo ezinaaba zivujjirirddwa eggwanika lya Buganda.






## b) Okukozesa Emitimbagano mu Kukuŋŋanya wamu n'okusasula Ensimbi mu Obwakabaka



### c) Okusolooza ensimbi mu nteekateeka z'Obwakabaka wonna kugenda kudda ku nkola ey'emitimbagano egikozesa tekinologiya olw'okwongera okutereeza n'okunyweza eby'ensimbi mu Ggwanika lya Buganda.

Kino kijja kusobozesa abantu okwanguyirwa okuwagira enteekateeka z'Obwakabaka awatali kwekengera kwonna ate era kyanguyize n'abavunaanyizibwa ku by'ensimbi z'Obwakabaka okuwa alipoota ku nteekateeka ez'enjawulo mu bwangu buli lwe kiba kisaanidde awatali kukandaalirira. Enkola eno ejja kwongera okunyweza obwerufu mu byensimbi ng'emu ku nyingo enkulu ez'Omulembe Omuggya Obwakabaka kwe busimbye.

### d) Okugyisa Enteekateeka z'Obwakabaka ez'Enkulaakulana mu z'Eggwanga (ATMS)

Obwakabaka bwa Buganda ttundutundu ddene nnyo erya Uganda eyawamu. Enteekateeka zonna ezikolebwa mu Bwakabaka, naddala mu mbalirira y'omwaka 2026/2027 zigendereddwamu okuwagira Gavumenti eya wakati okutuukiriza enteekateeka z'okukulaakulanya eggwanga ezaasoosowaziddwa.

Mu kkowe lino, Uganda egenda kussa essira ku bintu bina (NDD – ATMS): Okukulaakulanya ebyobulimi (Agro-Industrialization), okutumbula eby'obulambuzi (Tourism Development), Okutumbula eby'obugagga eby'omu ttaka (Mineral-based Industrialization), Okwettanira saayansi, tekinologiya n'obuyiiya (Science, Technology, and Innovation). Bwe tunaakwatira awamu mu kuwagira gavumenti mu nteekateeka zaayo zino, tujja kugaziya eginaava emiganyulo eginaava mu nteekateeka z'Obwakabaka naddala mu by'obulimi n'okutumbula obuweereza.

**e) Okunyweza Obwerufu**

Obwesigwa y'empagi esinga okuwagira eby'enkulaakulana mu Bwakabaka. Tujja kugenda mu maaso n'okunyweza ennyo enkola y'Obwakabaka ey'okuwa entebya mu ngeri ennambulukufu ku buli nteekateeka yonna gye tuba nayo olw'okunyweza ennyingo ey'obwerufu. Enteekateeka eno etuwaliriza okulondoola emirimu gyonna egikolebwa okusobola okukakasa nti ensimbi zikozesebwa mu ngeri entuufu ate n'okuddiza abantu amawulire ku ngeri gye tutambuzaamu emirimu. Bwe tunaatambuza eby'ensimbi mu ngeri eno, tujja kuba tunyweza enkola ey'ekikugu eyeetaagibwa ennyo mu kaweefube wa "Situla Omutindo".

## 6.4 Ennyingiza Esuubirwa mu mwaka gw'Ebyensimbi 2026/2027

Mu mwaka gw'Ebyensimbi ogujja, Obwakabaka busuubira okuyingiza obuwumbi **409,315,856,147/= embalirira erinnye ebitundu 34% ku y'omwaka 2025/2026 305,502,820,947/=.** era ebigenda okusinga okuwagira ennyingiza mulimu;

a) Bannamikago naddala okukulaakulaanya ebisaawe obuwumbi **48,000,000,000/=**

b) Okutandikawo amakolero **20,000,000,000/=**

c) Tusuubira Gavumenti eya wakati okusasulayo obuwumbi **34,500,000,000/=** ku mwendo gwe tugibanja.

d) Ebibiina by'Obwegassi tusuubira okweyongera **88,594,583,434/=**

e) Ebyenjigiriza, abayizi okweyongera mu masomero n'amatendekero g'Obwakabaka **28,085,154,535/=**

f) Entereeza y'enzirukanya y'ettaka **36,600,000,000/=**



# Embalirira ey'Omwaka 2026/2027 Mu Bufunze

| Vote | Amakubo agavaamu ensimbi | Ezaafunibwa 2025/2026 | Ezibaliriddwa 2026/2027 |
|---|---|---|---|
| 10100 | Envujjo, Busuulu n'Ekkanzu ku Ttaka | 35,130,000,000 | 36,600,000,000 |
| 10200 | Ensimbi ezibanjibwa okuva mu Gavumenti eya wakati | 38,500,000,000 | 34,500,000,000 |
| 10300 | Ebisale okuva mu bayizi | 26,760,330,619 | 28,085,154,535 |
| 10350 | Sikaala z'Obwakabaka | 1,472,505,000 | 1,964,030,000 |
| 10400 | Obusuulu okuva mu bizimbe | 1,922,887,144 | 2,017,228,211 |
| 10500 | Ekimu ku kikumi okuva mu baweereza | 370,884,282 | 323,112,463 |
| 10600 | Bannamikago (Abasizi bensimbi) | 73,917,600,000 | 133,523,229,000 |
| 10650 | Abanywanyi (Betukola nabo Emirimu) | 10,202,342,287 | 12,142,979,038 |
| 10700 | Eby'emizannyo, Abavubuka n'Ebitone | 2,467,068,200 | 4,245,000,000 |
| 10800 | (MBL) Satifikeeti, ebbaluwa, Oluwalo n'Ebyettunzi bw'Obwakabaka | 9,080,106,142 | 9,897,315,695 |
| 10930 | Weerinde Insurance Services Limited | 298,531,295 | 757,262,148 |
| 10960 | Mwanyi Terimba Limited | 10,412,877,544 | 16,445,287,804 |
| 11000 | Abawagizi ba Buganda abali ebweru wa Uganda | 148,070,249 | 176,000,000 |
| 11100 | Eby'empuliziganya n'Amawulire | 19,485,383,606 | 21,070,624,718 |
| 11200 | Eby'obulambuzi mu Buganda | 1,063,749,418 | 1,671,606,228 |
| 11400 | Ebibiina by'Obwegassi (Cooperatives) | 76,102,921,868 | 88,594,583,434 |
| 11500 | Ensimbi ezinaakunganyizibwa mu Masaza | 8,375,860,564 | 9,354,216,194 |
| 11600 | Ensimbi Eggwanika lye zibanja. | 651,618,561 | 1,147,420,450 |
| 11700 | Buganda Kingdom Education Institution's Development Fund | 207,127,900 | 1,307,155,000 |
| 11800 | Buganda Cultural & Heritage Support Fund | 343,194,068 | 545,050,000 |
| 11900 | Ensimbi ezikungaanyizibwa okuva mu butale bwa Kabaka | 515,605,000 | 567,165,500 |
| 11950 | Ensimbi okuva mu kwenyigira mu " Consent Settlement"okusala ku nsimbi ezibangibwa Obwakabaka n'ebitongole | 1,098,350,000 | 1,255,000,000 |
| 11955 | Ekibiina kya Balungamya b'emikolo mu Bwakabaka | 85,000,000 | 110,000,000 |
| 11958 | Nkuluze Holdings Limited | 245,000,000 | 504,960,000 |
| 11961 | Ensimbi ezisuubirwa mu kibiina ky'olulimi Oluganda | 71,247,600 | 96,096,000 |
| 11964 | BUCADEF | 1,565,804,917 | 1,706,727,359 |
| 11967 | Go Fund Me Pulogulaamu (Crowd Funding) | - | 360,000,000 |
| 11985 | Amagoba ( Dividents) okuva mu Bitongole by'Obwakabaka | 69,898,963 | 348,652,370 |
| | **Omugatte ogw'ennyingiza ogw'awamu** | **320,563,965,226** | **409,315,856,147** |

## 6.5 Ensaasaanya Esuubirwa mu Mwaka gw'Ebyensimbi 2026/2027

Tusuubira okusaasaanya obuwumbi **409,138,444,275/=** ebigenda okussibwako essira mu by'ensaasaanya;

Ebyobulimi, Obwegassi
**87,094,915,004/=**

Okwekulaakulanya n'Okusiga ensimbi
**92,373,229,000/=**

Okuddukanya emirimu mu Nkuluze
**26,626,713,660/=**

Okutumbula Ebyenjigiriza
**28,242,272,412/=**

Okutumbula Ebyobulamu
**6,111,000,000/=**

| No. | Ekisaasaanyizibwaako | Ezasaasanyizibwa 2025/2026 | Ezibaliriddwa 2026/2027 |
|---|---|---|---|
| 20100 | Okuddukanya emirimu mu Nkuluze | 30,000,000,000 | 26,626,713,660 |
| 20200 | Okulabirira Woofiisi ya Ssaabasaajja Kabaka | 700,350,000 | 772,035,000 |
| 20300 | Eby'okulabirira ettaka ( Buganda Land Board ) | 13,273,276,896 | 14,898,576,108 |
| 20400 | Okuzimba n'Okugaziya Embiri | 8,600,000,000 | 7,299,485,290 |
| 20500 | Okumaliriza Amasiro g'e Kasubi | 1,612,000,000 | 350,000,000 |
| 20600 | Okuddabiriza Twekobe n'Okulabirira Olubiri lw'e Mengo | 1,109,000,000 | 1,161,594,613 |
| 20700 | Okuddaabiriza Butikkiro Phase 11 | 54,729,000 | 385,000,000 |
| 20800 | Okuddaabiriza n'okuddukanya ebizimbe | 1,464,486,785 | 2,080,683,361 |
| 20900 | Okwekulaakulanya n'okusiga ensimbi | 88,071,200,000 | 92,373,229,000 |
| 21000 | Ensaasanya ku Satifiiketi, Bbaluwa , Luwalo Lwaffe | 4,253,038,797 | 4,678,342,677 |
| 21030 | Okuyimirizawo emirimu gya Weerinde Insurance services | 501,609,925 | 757,262,148 |
| 21060 | Okuyimirizawo emirimu gya Mwanyi Terimba Ltd | 10,412,877,544 | 15,784,334,504 |
| 21070 | Okuyimirizawo emirimu gya Nkuluze Holdings Limited | 202,600,000 | 498,029,920 |
| 21080 | Okuddukanya mu butale bwa Kabaka ( REXBA) | 435,500,000 | 583,660,000 |
| 21100 | Okutumbula Eby'enjigiriza mu Buganda | 24,361,645,510 | 28,242,272,412 |
| 21200 | Eby'emizannyo, Abavubuka n'Ebitone | 4,381,385,831 | 54,257,371,500 |
| 21300 | Obulimi, Obwegassi , Obusuubuzi n'Obuvubi | 75,671,531,272 | 87,094,915,004 |
| 21400 | Gavumenti ez'Ebitundu | 8,794,616,643 | 13,798,166,798 |
| 21450 | Ensonga za Buganda ebweru wa Buganda ne Uganda | 86,870,000 | 83,678,200 |
| 21500 | Okuteekateeka eby'okusigamu ensimbi | 748,387,500 | 1,902,770,000 |
| 21600 | Okutumbula Eby'obulamu | 5,777,851,851 | 6,111,000,000 |
| 21700 | Eby'Ettaka, n'Ebizimbe | 351,490,000 | 818,000,000 |
| 21730 | Emirimu gya Bulungibwansi n'Obutonde Bwensi | 1,257,490,682 | 1,532,261,000 |
| 21800 | Okuluŋŋamya obukulembeze mu Bika | 363,050,000 | 643,280,000 |
| 21900 | Eby'obuwangwa Ennono, n'Ebyokwerinda | 1,598,863,550 | 2,650,646,680 |
| 21950 | Ekitongole ky'okunoonyereza mu Bwakabaka. | 131,444,000 | 257,719,000 |
| 22000 | Eby'obulambuzi | 1,489,249,185 | 1,671,606,228 |
| 22100 | Emikolo gy'Obwakabaka , ne nsonga za Pulotoko | 1,007,055,000 | 1,221,212,000 |
| 22140 | Amawulire, Okukunga n'Obwogezi bw'Obwakabaka | 157,923,710 | 233,317,000 |
| 22200 | Ebikozesebwa eby'ensibo | 834,990,000 | 1,416,450,000 |
| 22300 | Okuwagira emirimu mu woofiisi ya Nnaabagereka | 52,090,000 | 59,499,000 |
| 22400 | Okusasula Amabanja | 3,074,767,572 | 2,860,902,969 |
| 22500 | Ekikula ky'Abantu | 314,255,000 | 357,588,000 |
| 22600 | Ensaasanya ku by'empulizigannya | 18,559,909,609 | 20,489,812,970 |
| 22800 | Olukiiko lwa Buganda Olukulu | 654,500,000 | 767,000,000 |
| 22905 | Abaweereza | 5,869,939,629 | 6,720,588,469 |
| 22915 | Abakugu ab'enjawulo | 32,950,000 | 44,310,000 |
| 22920 | Okuddaabiriza Amakakkalabizo | 228,500,000 | 368,500,000 |
| 22925 | Okulabirira ebidduka | 669,346,075 | 856,680,000 |
| 22930 | Ebikwata ku baweereza | 240,878,000 | 393,800,000 |
| 22935 | Entambula z'omunda ne wabweru w'Eggwanga | 353,095,250 | 357,500,000 |
| 22940 | Ebikozesebwa mu Makakkalabizo | 313,250,000 | 364,545,765 |
| 22945 | Ebirabo n'obuyambi obuweebwa | 285,000,000 | 319,000,000 |
| 22950 | Emisoso gya bbanka | 37,500,000 | 41,800,000 |
| 23100 | Okuddukanya Woofiisi ya Bannamateeka (Law Chambers) | 1,372,000,000 | 3,710,000,000 |
| 23200 | Okukola ku Nsonga za Buganda ez'Enkizo | 209,550,000 | 397,100,000 |
| 23300 | Tekinologiya n'Obuyiiya ( ICT & INNOVATION) | 307,350,000 | 846,205,000 |
| | **Omugatte ogw'Ensaasanya ogw'awamu** | **320,279,394,816** | **409,138,444,275** |
| | | | |
| | **Ekitundu ku kikumi (Percentage Growth)** | | **34%** |
| | | | |
| | **Enfissi** | **284,570,410** | **177,411,871** |

## 6.6 Obulwa Obwolekedde Embalirira y'Omwaka gw'Ebyensimbi 2026/2027 n'Engeri y'Okubwetangiramu

Okukakasa nti ebigendererwa mu nteekateeka y'ebyensimbi ey'Obwakabaka bisigala binywezebwa, kyetaagisa okulowooza ku bizibu ebiyinza okugwawo, n'okutema empenda ezitegeerekeka obulungi okwetangira obulwa obwo. Omweso guno wammanga gulaga obulwa obulowoozebwako n'engeri ez'okubwetangira.

### Omweso ogulambulula obulwa obwolekedde Obwakabaka mu mwaka gw'ebyensimbi 2026/2027

| Akalwa | Obulabe bw'akalwa | Enteekateeka z'okwetangira |
|---|---|---|
| a) Okulinnya kw'ebbeeyi y'amafuta | Okulinnya kw'ebbeeyi y'amafuta olw'omusolo ogwateekeddwako ogwa Shs.200 kugenda kulinnyisa ebbeeyi y'ebintu byonna ekiyinza okukosaamu ensaasaanya y'ensimbi mu Bwakabaka. | • Okwongera obwangu mu kuggusa emirimu nga tweyambisa tekinologiya<br>• Okwongerako omutindo: Okwettanira okwongera omutindo ku birime nga bikyali mu bitundu gye biva okukendeeza ensaasaanya ku by'entambula.<br>• Okwogereganya n'abakwatibwako ab'enkizo balondoole ebbeeyi y'amafuta mu ggwanga n'okukakasa nti tepaaluuka nnyo. |
| b) Enkyukakyuka mu nkola za gavumenti eeyawakati ezikosa ebiteekebwateekebwa (Okugeza ku nsonga z'emmwanyi, Ettaka, n'Ebyenjigiza) | Enkyukakyuka mu nkola za gavumenti eya wakati okugeza ng'okugyawo ekitongole ekitembeeta ensonga z'emmwanyi, enkyukakyuka mu nsonga z'obwannanyini ku ttaka, oba okukyusa olukangaga lw'ebisomesebwa zireeta okutya mu bamusigansimbi, ne wabeerawo embeera y'obwerinde eya "Ka tulinde ekiddako" ekikosa okussa mu nkola enteekateeka z'enkulaakulana ey'omutindo eziri mu Nnamutaayika w'Obwakabaka. | • Empuliziganya mulengera wala: Okuwuliziganya ne gavumenti eya wakati naddala ku mitendera egisalawo okunyweza ebyo Obwakabaka bye bwettanira mu biseera eby'okubaga enkola ezo.<br>• Okulambika bamusigansimbi: Okuwa obulambike obutegeerekeka obulungi, ate obw'ekikugu eri bamusigansimbi n'okuyonyola abantu ba Ssaabasajja Kabaka enkyukakyuka mu nkola ezo okubayamba okuziyitamu nga tebakoseddwa.<br>• Okusiga ensimbi mu nteekateeka ez'enjawulo: Ensimbi bwe tunaazisiga mu nteekateeka ez'enjawulo omukaaga eziragiddwa kijja kukendeeza ku bulwa buno obuyinza okulumba enteekateeka emu endala ne zisigala nga zitojjera. |

| Akalwa | Obulabe bw'akalwa | Enteekateeka z'okwetangira |
|---|---|---|
| c) Enkyukakyuka mu mbeera y'obudde n'okusoomozebwa kw'obutonde bwensi | Obwakabaka bussa essira ku kulima emmwanyi n'ebirime ebirala. Enkyukakyuka mu mbeera y'obudde eyinza okuleeta ekyeya oba amataba ne bikosa butereevu ebirime. | • Ebyobulimi ebituukaana n'embeera y'obudde: Okutumbula enkozesa y'ebintu ebitonotono mu kufukirira n'okugaba ebika by'endokwa z'emmwanyi ez'enjawulo ezigumira ekyeya.<br>• Enteekateeka z'okuzzaawo ebibira: Okwongera amaanyi mu kaweefube mu bantu ne mu bitundu ow'Ekibira kya Kabaka" ow'okusimba emiti n'okutumbula enkola z'okukuuma obutonde bw'ensi ezisookerwako.<br>• Empeereza mu by'obulimi eby'omulembe: Okukozesa emikutu gya Tekinologiya owa digito okutuusa ku balimi ebikwata ku mbeera y'obudde mu kiseera ekituufu n'obukodyo bw'okulima obutuukagana n'embeera ezo. |
| d) Emiziziko, obukwakkulizo n'emisolo ku ttaka | Okukubisaamu emirundi ebiri omusolo mu kukyusa ebyapa (stamp duty) okutuuka ku 3% n'okussaawo omusolo gwa Capital Gains Tax ogwa 5% eri abatunda ettaka lyabwe kiremesa abandibadde bettanira okufuna liizi ku ttaka ly'Obwakabaka. Kino kiyinza okukosa ennyingiza y'Obwakabaka n'okukosa eby'enkulaakulana. | • Okussa empeereza y'ebyettaka mu Tekinologiya owa digito: Okuddukanyiza obuweereza ku ttaka mu nkola eya digito okulongoosa entambuza y'emirimu.<br>• Okwongera ousomesa abantu ku mugaso gw'obwannannyini ku ttaka: Okutongoza kaweefube w'okumanyisa abantu emiganyulo egiri mu kuwandiisa ettaka n'okufuna liizi entongole.<br>• Okutondawo enkola ez'enjawulo ez'okusasulira ettaka omuli eya kibanja-mpola: Okussaawo enkola ezisobozesa abantu ba Ssaabasajja Kabaka okusasula empola empola okukendeeza omugugu gw'okusasula ensimbi ez'omuzindo naddala mu ntandikwa.<br>• Akakiiko akakebera n'okutangira obulwa mu byensimbi mu Bwakabaka (Buganda Audit and Risk Committee -BARC) kajja kwebuzibwangako ku nsonga ez'enjawulo. |
| e) Obuli bw'enguzi n'ebisale ebikusike mu bizinensi | Obulyake butunuuliddwa a ng'omusolo ogutalabika, era bumalamu nnyo bamusigansimbi n'abasuubuzi amaanyi n'okulinnyisa ssente ezikozesebwa mu buli pulojekiti.<br>Obulwa bw'obulyake bukontana ne kaweefube wa "Okusitula Omutindo" era buyinza okusaabulula obwesigwa bw'enkola z'ebyensimbi ezitambulizibwako emirimu gy'Obwakabaka. | • Okukozesa enkola ezitali za ssente enkalu: Okussa mu nkola n'okunyweza eby'ensimbi zonna ezisoloozebwa/ eziyingira mu Bwakabaka okuyita mu nteekateeka z'Obwakabaka eza digito ne fintech ezibeera zikakasiddwa.<br>• Okunyweza enneekebejja y'ebitabo: Okunyweza ebitongole by'okubala ebitabo eby'omunda n'okussaawo enkola ey'obwerufu ng'evunaanyizibwa eri abantu bonna ku pulojekiti zonna ennene.<br>• Okulonda abakulembeze abalina obusobozi: Okulaba ng'ebifo byonna eby'obukulembeze bwa pulojekiti bijjuzibwa abakugu abassa ekitiibwa mu nkola y'obutattira ku liiso obuli bwenguzi. |



# 7.0 Okuwumbawumba

Ssebo Sipiika, n'Abeekitiibwa ba mmemba b'Olukiiko luno olukulu olwa Buganda, enteekateeka y'okuteeka mu nkola embalirira y'omwaka gw'ebyensimbi 2026/2027 eggyayo bulungi era eraga ekkubo lye tulina okukwata ng'Obwakabaka.

**Nabino Bikulu;**







- Ababaka b'Olukiiko bagenda kulambula emirimu egikolebwa Obwakabaka mu Mukulukusabitungotungo ne Musenene, 2026.

- Egenda kufuuka nnono okuwanga alipoota y'ekitundu ky'Embalirira nga bwenaba etambudde eri Lukiiko Commission n'Obuganda kijja kukolebwanga buli lw'okusatu olusembayo mu Mukutulansaja.

- Mu guno omwaka gw'Ebyensimbi, tugenda kubeeranga n'enkiiko eziteekateeka embalirira nga zikako wansi mu Baami b'Amasaza, Abamaggombolola nga zetabwamu Bannamikago n'Abanywanyi.

Omulamwa gw'embalirira eno ogwa **"Situla Omutindo: Okulinnyisa Omutindo n'Obukugu mu Mirimu mu Kaweefube w'Okuzza Buganda ku Ntikko",** gutuukidde mu kiseera kituufu. Gutuukiriza bulungi nnyo enkola y'Obwakabaka ensangi zino eyaseeseetuka okuva ku kukuliriza ebikoleddwa obuufu bw'olupimo lw'enkulaakuna ne tubuzza ku mutindo, obukugu n'emiganyulo egiva mu mirimu egyo.

Enkola eno eyongera okulambika nti okutuukiriza okwolesebwa kuno kijja kwetaagisa okussa ekitiibwa mu nkwata y'ebyensimbi ennuŋŋamu, okwettanira ennyo okuwa entebya, okweyambisa ennyo tekinologiya, okubeera n'enteekeeka ezeesigamizibwa ku bibalo ng'obujulizi, emikago egyensibo, n'obwangu bw'okwanganga obulwa.

Tulabye bulungi nti wadde waliwo okusoomozebwa kw'embeera ezitwetoolodde okugeza okwekanama kw'ensimbi, enkyukakyuka mu mbeera y'obuddde, enkyukakyuka mu ngereka y'emisolo n'obwerinde

mu nkyukakyuka mu nnambika ezimu eza Gavumenti eyawakati, Obwakabaka bwetegefu okweyambisa obuyiiya, okusiga mu bintu ebyenjawulo, okweyambisa enkola za Tekinologiya owa digito n'okwogereganya n'abakwatibwako ab'enkizo okwanganga obulwa obwo.

N'olwekyo, enteekateeka y'ebyensimbi eno wamu n'ebyo ebinokoddwayo okutangira

obulwa biteereddwawo okuwagira obwetengereze bw'ebyenfuna by'Obwakabaka mu kaweefube w'okuzza Buganda ku Ntikko

Mu mwaka gw'ebyensimbi 2026/2027, tuteekeddwa okukozesa obukugu n'okukolera awamu nga ffena tulaba gyetulaga mu kaweefube w'okusitula omutindo. Obuwanguzi bw'embalirira eno tebujja kwesigama ku maanyi g'engabanya y'ebyo ebiragiddwa waggulu, wabula ku ngeri Minisitule, abakulembeze ku mitendera gyonna n'ebitongole by'Obwakabaka gye tunaagissaamu mu nkola nga tusoosowaza okukola emirimu egiri ku mutindo ogusaanidde.

Ntwala omukisa guno okwebaza ennyo mukama waffe Ssaabasajja Kabaka olw'okunteekamu obw'esige n'ankwasa obuvunaanyizibwa obunene obw'okuwanika ensimbi mu Gavumenti ye okumala ebbanga lino lyonna.

Mukama waffe Katikkiro nkwebaza nnyo olw'obutandekerera mu buvunaanyizibwa bwange ng'Omuwanika wamu ne baminisita bonna mu Kabineeti olw'obuwagizi n'obuwabuzi ku nsonga zonna ez'enkizo ekitusobozesezza okubaako bye tutuukako ku lw'obulungi bwa Nnyaffe Buganda.

Nga twongera okwenyumiriza mu bukulembeze bw'Omutanda nga bw'aba asiimye, okulambika kwa Katikkiro, okuluŋŋamya kw'Olukiiko lwa Buganda olukulu n'obumalirivu bw'abaweereza ku mitendera gyonna abagenda okuteeka embalirira eno mu nkola, nkakasa nti egenda kutumbula ebigendererwa by'Obwakabaka eby'enkizo n'okwongera okusitula embeera z'abantu mu Buganda.

Ssebo Sipiika, ntwala omukisa guno, okwanjula eri Olukiiko lwa Buganda Embalirira y'Obwakabaka ey'Omwaka gw'Ebyensimbi 2026/2027. Nsaba Abeekitiibwa mwenna mugifune era mugiwagire tusobole okwongera okuzimba enkulaakulana mu Buganda nga twesigamye ku kukozesa obukugu n'okusitula omutindo mu mirimu gyonna egikolebwa.

Ssaabasajja Kabaka Awangaale!



**Robert Waggwa Nsibirwa**
**OMUMYUKA OWOOKUBIRI OWA KATIKKIRO ERA OMUWANIKA**
**06 Kasambula, 2026.**

TOUR BUGANDA
THE GATEWAY TO THE PEARL OF AFRICA

BUGANDA HERITAGE AND TOURISM BOARD

tourbuganda.org
We are located along Lubiri Ring road, Opoosite the king's Mengo palace main gate, Next to Butikkiro




PLAN A FULLY GUIDED TOUR TO THE KASUBI ROYAL TOMBS, KABAKA'S PALACE, BULANGE, THE ROYAL MILE WITH A TRAIL OF THE CLANS OF BUGANDA.
THE PACKAGE IS INCLUSIVE WITH EXPERIENCING THE LIFE OF A MUGANDA WITH ACTIVITIES INCLUDING KIGANDA DANCE, TRADITIONAL GAMES LIKE OMWESO, AMONG OTHER ACTIVITIES...

BOOK NOW! +256 393 102570 / +256 704 025392

Buganda Heritage and Tourism Board is the official company of Buganda Kingdom responsible for the restoration, preservation and promotion of the cultural heritage of Buganda.

BUGANDA KINGDOM

KABAKA FOUNDATION

Jubilee INSURANCE

WEERINDE INSURANCE BROKERAGE SERVICES LTD

cbs 88.8, 89.2 FM

bbs

# TUBEERE BALAMU YINSUWA

AFFORDABLE. RELIABLE. COMPREHENSIVE.

- Affordable premium
- Reliable coverage
- Comprehensive benefits
- Peace of mind for you and your family

ANNUAL PREMIUM

UGX 198,000

PER PERSON

TO SELF ONBOARD

Go to your message app send the word *LIFE* to 6115 and follow the link.

WHAT YOU ARE COVERED FOR

- INPATIENT COVER
- OUTPATIENT COVER
- FUNERAL COVER
- CRITICAL ILLNESS COVER
- ACCIDENT COVER
- HOSPITAL CASH BACK




FOR FURTHER ASSISTANCE CONTACT

0709678066 | 0740031015